KABAKA EYAGAANIBWA

. . . olw'ekitiibwa kya Mukama okusobola okutukkako olwa leero okuyita mu kubuulirwa kw'Ekigambo. Era kya . . .

2 Wiiki eno ewedde, mbadde mulwadderwadde. Si kugamba nti mbadde mulwadde ddala; naye kubadde kukeberebwa kwe mbadde nnina okukola, okukeberebwa omubiri. Era ky'ekyo kye mwawulira, nti ndi mu ddwaliro. Ekyo kyabaawo kuba nnagendayo nneme kusomokanga mugga nga ŋŋenda bwe nkomawo. Obeera olina okukeberebwa okuva mu mimiro n'olubuto n'ekyenda ekitono, wamu n'okukeberebwa ssebusa n'ekyenda ekinene. Era babeera balina, buli luvannyuma lw'eddakiika entonotono, babeera balina okukomawo ne baddamu ne bakukuba ekifaananyi ekirala ekya ekisule. Naye tuba tulina okukola okukeberebwa okwo, buli luvannyuma lwa myezi mukaaga, bwe tuba n'eŋŋendo z'okubuulira enjiri emitala w'amayanja. Ow'oluganda Roberts n'abalala, ndowooza, bo buli luvannyuma lwa myezi mukaaga bakeberebwa. Naye nze mbadde ssikeberebwanga okumala emyaka ena.

3 Obuzibu bwe nnina, ssaagalira ddala butto oyo gwe bakola mu nsogasoga, obwo bwe buzibu bwokka. Ate nga bagamba tewali kintu kirala kye bayinza kukuwa bwe baba si gwe bakuwadde, kale nnaa, ha, nnalwalira ddala bwe baamumpa. Mumanyi, nga nnababuulirako, mu byafaayo by'obulamu bwange, ebintu ebyo nga bwe bindwaliza ddala. Era—era sibyagalira ddala. Nnabuuza ne mukwano gwange omusawo, oba . . . "Tewaliiyo kintu kirala?"

Naye n'aŋŋamba nti, "Ssirowooza nga waliyo, Ow'oluganda Branham."

4 Ha, omukyala oyo olwayingira bw'ati nga alina, kati wano kiyinza okulabika nga kye nkuliriza ennyo, naye, butto oyo yalabika nga eyali aweza kimu kyakuna eky'akalobo. Yali—yali . . . Nnali ssimulabangako mu bungi bwenkana awo. Kale nnakwata bukwasi ku nnyindo ne mbunira. Naye oluvannyuma nnasobola okumumira n'akkirira.

5 Naye kati, mu kugezesebwa kwonna, na byonna byonna bye mpiseemu, njagala okwebaza Mukama olw'ebyava mu kukeberebwa ebirungi. Okukeberebwa nnakuyita, kikumi ku kikumi; era kati nsobola okugenda buli wamu wonna mu nsi we mba njagadde okugenda. Nnabuuza abasawo, be, ndo—ndowooza, okuba nti be basatu ku bakugu abasingayo, mu Louisville. Ne mbabuuza, oba nga, "Kisoboka okuba nti nninamu obukosefu obuweza ebitundu nga kkumi ku buli kikumi?"

6 Ne baŋŋamba nti, "Tolinaamu bukosefu bwonna yadde." Ne baŋŋamba—baŋŋamba nti, "Wenna, oli mulamu tteke." Era nneebaza nnyo Katonda. Kubanga ekyo w'ani awalala gye kiyinza okuva okuggyako eri Kitaffe Ow'omuggulu yekka, mukiraba, ekyo okusobola okuba bwe kityo?

7 Era yaŋŋamba nti, "Oli . . . Omubiri gwo gwonna, munda, gulaga oli muto." N'agamba nti, "Obutoffaali bwo obw'omusaayi tebunnaba yadde okumegukako, oba okubaako ekintu kyonna ekibutuukako." N'agamba nti, "Oli mulamu bulungi ddala, Ow'oluganda Branham."

Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, ndi musanyufu nnyo."

8 Era nnafuna n'omukisa ogw'okwogera, nga njulira eri buli nnansi ow'omu ddwaliro eryo, na buli musawo, ku bikwata ku Bwakabaka bwa Katonda. Era waliwo omusawo omu, ndowooza alina okuba nga waali wano enkya ya leero. Era ndi—nja . . . Ndi musanyufu okumanya nti mu nsi eno mukyalimu abasajja ab'emitima emirungi, abasajja bennyini ddala, abasajja abaasobola okunkolako okumalira ddala ennaku ttaano, mu kukeberebwa kw'omubiri okw'enjawulo, okwandimazeewo ddoola nga bibiri oba bisatu ku buli kukeberebwa okumu. Naye bwe nnamaliriza, baŋŋamba bugambi nti, "Ekyo naffe kye tuwaddeyo eri omulimu gwa Mukama, gw'okola." Mukiraba? Ddala. Yadde . . . Baŋŋamba nti, "Eky'amazima, kituswaza n'okutuswaza ggwe okutubuuza oba tukubanja." Ne baŋŋamba, "Kyokka kye twetaaga ze ssaala zo!"

9 "Naye munda," baŋŋamba nti, "tuzuddemu ekintu ekyekuusa ku ngeri gye weewulira munda ekitulemye okutegeera." Ne ŋŋamba nti . . . "Tu . . . Te—tolabika nga . . ." N'agamba nti, "Okusinziira bw'olabika, tolabika nga eyeraliikiridde oba alina okutawaanyizibwa kwonna. Naye," n'agamba nti, "munda mu ggwe, waliwo engeri gy'owulira munda etulemye okutegeera."

10 Ne mbagamba nti, "Bwe muba musobola okutuulako wansi katono, nsobola okubannyonnyola." Ne ntandika okubabuulira ebikwata ku kwolesebwa. Kyali kintu kipya nnyo gye bali. Nga tebalina kye bakimanyiiko yadde. Ne mbabuulira ebiri mu Bayibuli. Olwamala ne mbanyumiza okwolesebwa Mukama kwe yaakampa jjuuzi wano, era bonna bambi ne bakaaba nga abaana abawere. Baatuula butuuzi awo ne bakaaba. Ne . . . ne ba . . . ne mbagamba nti, "Ka nsuubire nti temundabe nga munnaddiini eyeeyitiriza oba omuntu bwatyo."

11 Omu n'agamba nti, "Ssiyinza n'akatono kukikola, Ow'oluganda Branham. Ekyo nkikkiriza n'omutima gwange gwonna." N'agamba nti, "Naye nnina ekintu kimu kye njagala okwogera: Ebintu ebyo okubiyiga tosooka kugenda mu ssomero." N'agamba nti, "Nzikiriza biva eri Katonda Ayinza byonna." Era abo baali abasawo basatu abamu ku

abo abasukkulumye ku bannaabwe mu Louisville, abasingayo obulungi be baalina. Kale, n'olwekyo, ekyo kyansanyusa nnyo, n'okukimanya nti oba oli awo Mukama anzikirizza okubaako n'Ensigo gye nsigawo awo.

12 Buli nnansi, nnayogerako naye. Baali, lumu ku makya, mba nfuluma akasenge ka ekisule, ne ŋŋamba o . . . Waliwo omukazi omukadde bambi gwe nnalengera. Nga bambi mulwadde nnyo. Ne nneeyongera okukkirira, ne nzikirira okutuusa lwe nnamutuukako. Nnalowooza nti yandiba nga bambi afa. Ne mmugamba nti, "Nnina ekibuuzo kye njagala okukubuuza, mwannyinaze."

N'aŋŋamba nti, "Yee, ssebo."

Ne mmubuuza nti, "Oli Mukristaayo?"

N'agamba nti, "Nva mu kkanisa *gundi*."

13 Ne ŋŋamba nti, "Ka nkitereezeemukko katono." Ne ŋŋamba nti, "Nja—njagala kumanya oba oli Mukristaayo, Omukristaayo yennyini ddala. Nga, ssinga kibaawo n'osomoka ennyanja eno ey'obulamu, n'oyingira mu Nsi eri endala, omwagala Oyo?" Ne ŋŋamba nti, "Ddala ekyo ssinga kibaawo olokolebwa?"

N'agamba nti, "Yee, ssebo. Ndokolebwa."

14 Ne ŋŋamba nti, "Kale bwe kiba bwe kityo Katonda akuwe omukisa. Awo embuyaga ne bw'ekunta nga edda wa yonna, ggwe oteredde ntende, kasita kiba bwe kityo."

15 Kale ssinga tuba twetegerezza bulungi, mu nsi mukyalimu abantu bangi abalungi.

16 Kati, olwa leero, nzize n'okwolesebwa kwe nnaababuulira oluvannyumako. Naye okusooka, njagala mbeeko ne bye njogerako ebikwata ku Kigambo, kubanga nzikiriza nti Ekigambo kya mugaso nnyo, kye kisinga omugaso mu kaseera kano. Era nsanyuse okulaba Charlie Cox, ne, ow'oluganda, mukwano gwange oyo gwe bayimiridde, naye awo. Ow'oluganda, nneerabidde . . . Jeffries, erinnya lye ndyerabidde. Na bangi ku mmwe ab'oluganda ab'omuwendo abalala okuva mu Georgia, n'okuva mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo. Mukwano gwange ow'edda, Bill, atudde wano, enkya ya leero, nzikiriza ye ye. Ne—n'abalala bangi . . . N'ow'oluganda oyo awo okuva mu Georgia, abantu abampa essuuti eno. Mbabuulire, eyo—eyo y'emu ku ssuuti ezisingayo obulungi ze nnali nnyambadde. Mpulira nga nzigumidde, mpulira bulungi nnyo ddala. Kale muli ba muwendo nnyo gyendi. Ssinga mbabuulira ekyabaddewo, mu nnaku zino entono ezaakayita, ekyantuukako, mujja kulaba lwaki ndowooza nti muli ba muwendo nnyo gyendi.

17 Kati, nzikiriza, ssinga Mukama abeera ayagadde, njagala nneeyongere okulwanira ddala olutalo nnyo ddala n'okusinga bwe kyali kibadde, mu bulamu bwange. Kubanga, kati kye nzudde kiri nti . . . Weewaawo, nsobola okufa olwa

leero. Munnaaye, tomanya. Ebifaananyi ebiraga entunnunsi z'omutima gwange n'embeera gye gulimu na buli kimu, okukeberebwa mu byuma bya ekisule kkumi na mukaaga eby'enjawulo, wewaawo, okukeberebwa kw'omubiri gwonna, byonna byalaga nti nnali mu. . . nnali mulamu bulungi ddala nga omuntu yenna bw'ayinza okuba, omuntu yenna ali ku nsi. Kale ekyo nkyebaliza nnyo nnyini. Naye, ebintu byonna, wamu n'ebyo byonna, era nga ndi musanyufu era nneebaza Katonda, okuba nti ndi mulamu bulungi, kye nzikiriza nti kiri lwa kuba Akyankuumidde ku mulimu Gwe, ekyo si kye Yandaga akaseera katono emabegako nga ebyo tebinnabaawo, olaba, naye era kyansanyusa nnyo.

18 Kati, ndowooza, akawungeezi ka leero. . . Tekirina mutawaana? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Yee, ssebo."—Omuk.] Mu—muganda waffe omwagalwa mu—muntu ateerowoozaako yekka, ye—ye W'oluganda Neville. Era bwe wabaawo omu ku mmwe eyaliwo Ssande ewedde eyawuliriza obubaka obwo obw'amaanyi bwe yabuulira, ku "kasumbi k'amafuta," bwali bwa-. . . obumu ku bubaka obw'amaanyi bwe nnali mpulidde, bw'ebwo Ow'oluganda Neville bwe yabuulira, Ssande ewedde, ku bw'Omwoyo Omutukuvu, eri ekisibo ky'endiga ekitono kino Katonda ky'akuŋŋaanyizza awamu.

19 Era bwe kiba tekirina buzibu, nga kisanyusa eri Mukama, n'eri Ow'oluganda Neville wamu n'ekkanisa, njagala okubuulira nate akawungeezi kano ntandike okuyigiriza okw'obubaka obw'omuddiriŋŋanwa, okuva nga, ku Mmande akawungeezi. . . Manyanga, ku Ssande akawungeezi, ne ku Mmande akawungeezi, ne ku Ssande eddako, okuyigiriza okw'omuddiriŋŋanwa ku ebyo bye mbadde njigako.

20 Mu ddwaaliro eri ssaalisobodde kusulayo. Naye bankola obulungi obutagambika, ekisenge baakinsalirako ne bakimpeera kyenkana ku kimu kya kusatu eky'omuwendo ogulina okusasulwa. Kale nnaggyayo buggya Bayibuli zange, n'ebitabo byange, obuliri ne mbuzingako, ne nzikalira munda omwo, nga nnina Bayibuli zange zonna n'ebintu ebirala byonna awo. Era nnafuna akaseera akalungi ddala, okutuusa lwe baaleeta butto w'ensogasoga oyo. Akaseera kange akalungi kaakoma awo wennyini. Awo nna—nnali mpedde. Naye, Ow'oluganda Pat, nnalwalira ddala. Ebintu ebyo, ssibyagalirako ddala. Era, naye nnafuna akaseera akalungi ddala, ennaku essatu oba ennya ezaasooka. Nnafuna akaseera akalungi ddala.

21 Era nnali mu kuyiga ku Kitabo ky'Abaefeeso. Ha, okuteekateeka kw'Ekkanisa okwo! Era ndowooza kintu kirungi ddala.

22 Era—era bw'oba, kati, bw'oba olina ekkanisa mw'osabira, gy'oba ogenda okole obuvunaanyizibwa bwo. Naye bw'oba

tolina kkanisa, nga wandyagadde okukomawo leero akawungeezi, ne ku Lwokusatu akawungeezi, ne ku Ssande akawungeezi, olwa leero akawungeezi, njagala njigirize, ku Kitabo eky'Abaefeeso 1, ate ku Lwokusatu akawungeezi, nkwate ku ssuula ey'oku 2 ey'Abaefeeso, ate ku Ssande ejja, nkwate ku ssuula ey'oku 3 ey'Abaefeeso, okulambika Ekkanisa. Mutegeera kye ntegeeza, okugisimba mu kifo Kya—Kyayo. Era ndowooza kya kuzimba, Kkanisa.

23 Ssiri . . . Bino mbyo—mbyogera eri abo bokka abasabira wano mu Kkuŋŋaaniro lya Branham.

24 Kale bwe wabaawo omu ku mmwe ab'oluganda abaagalwa . . . Abamu ku mmwe mbamanyi, ndowooza, mwategese enkuŋŋaana. Muganda waffe ali engulu eri mu Sellersburg, ne—n'abalala ab'enjawulo, baategese enkuŋŋaana. Kati, mulabeeyo, enkuŋŋaana ezo za kudda buggya. Mugende muzeetabemu. Abo baweereza ba Kristo, abavubuka abato abayimiridde mu muwaatwa, abaafulumayo. N'ekkanisa zaabwe zennyini bwe zaagaana Amazima, n'ebintu bwe bityo, baazifulumamu bufulumi. Era Katonda yabayita okuyingira obuweereza. Yee, ssebo. Nni—nnina omusajja omu gwe nneegomba . . . Erinnya lye ndyerabidde. Naye muvubuka omuto, omulungi, alabika obulungi ddala, alina omukyala omwagalwa n'abaana.

25 Ate ne—n'Ow'oluganda Junie Jackson naye abadde n'enkuŋŋaana emmanga wano, nga naye kirabo ekirungi ddala, ekitabuusibwa maaso eky'ekisa kya Katonda ekyewuunyisa. Kale bwe babeerayo n'enkuŋŋaana ez'okudda obuggya mu makanisa gammwe, mugendeeyo muzeetabemu, kubanga ekyo kye . . . ekyo kye kintu ekituufu okukola. Kubanga, tomanya wayinza okubaayo omwonoonyi ajja okulokoka, n'oluŋŋamizibwa okukulembera omuntu oyo eri Kristo, aliba mpeera yo ennene emitala w'eri.

26 Kuno kujja kuba kuyigiriza na kulambika Kkanisa, wano mu kkuŋŋaaniro, okutuyamba nga bwe tweyongerayo mu maaso.

27 Kati, ssaayise na ssaawa yange, kale wajja kwetaagisa okubaawo omuntu anaandabira obudde. Doc alina gy'andaze, alina gy'alina, kale nno, muganda wange. Kale kati . . . [Ow'oluganda Edgar "Doc" Branham agamba nti, "Sijja kugikusasuza ssente nnyingi kiri awo," era essaawa ye n'agiwa Ow'oluganda Branham—Omuk.] Tojja kuginsasuza ssente nnyingi? Kale. Kale, kati, ekyo tewali mutawaana. Naye, era, n'okusooka kwa byonna, ssikiriza nti ekyo nakyo kituufu okukikola. N'olwekyo . . . ["Weebale. Nange ŋŋenda kubaako ne kye njogera ekikukwatako."] Leka sirika, ha, ha, sh, sh, sh, sh. ["Nange nnafisizzaawo ennusu kkumi, ku mazaalibwa gange, enkya ya leero, naawe owulireko bulungi."] Okakasa wakikoze? Kati nno ekyo . . . Essaawa eno kati awo eba eri

ku mutendera mulala, Doc. Agambye yafissizzaawo ennusu kkumi, ku mazaalibwa ge, asobole nange okundeetera okuwulira obulungi, kubanga wakati wange naye waliwo ebbanga lya myaka nga ebiri oba essatu. Kati ndowooza mulaba we ntuuse, mu lugendo lwange. Naye, ha, ekyo gyendi, si nsonga yadde. Kati, ssigenda kubuulirira bbanga ddene.

28 Kati, bwe waba waliwo abagenyi mu makati gaffe, twagala okubaaniriza n'emitima gyaffe gyonna. Mwanirizibwa wano mu kkuŋŋaaniro lino ettonotono. Tetulina kizimbe kiri awo kya maanyi. Tukirina mu ntegeka okuzimba, si kuzimba kizimbe kinene gaggadde, naye e. . . Kino kyo kyonoonekedde ddala. Kale tugenda kugezaako okwezimbirawo wano ekizimbe ky'ekkanisa ekirungi ekiwa emirembe, amangu ddala nga tu. . . nga Mukama bw'anaaba atuganyizza okukikola. Era bangi ku mmwe mukola kyonna kye musobola okulaba nga ekyo kikolebwa, era ekyo tukibeebaliza.

29 Kati, njagala mubikkule nange, enkya ya leero, we tugenda okusoma, mu Samwiri Ekisooka essuula ey'o 8, tutandikire awo nga ku, leka tutandikire awo nga ku lunyiriri olw'e 19, olunyiriri olw'e 19 n'olwa 20, nga ekitundu eky'eky'okuyigirizaako kyaffe.

30 Era kaakano, nga bwe mubikkulayo, nga tetunnaba ku. . . Tugenda kukisoma, era oluvannyuma lw'okukisoma twagala tusabe. Kati wandibaaliwo omuntu yenna alina ekyetaago enkya ya leero, nga ogamba nti, "Nzijukira"? Omulundi gwe twasembayo okusisinkana, wiiki nga bbiri eziyise, oba ssatu, lwe nnalina olukuŋŋaana. . . Ndowooza, twa. . .

31 Ye ate nno, nga bwe mubikkula, olukuŋŋaana lwa kutandika mu Chautauqua, nga ennaku z'omwezi 6. Tusuubira okuba n'ekiseera ekirungi ddala, Middletown, Ohio. Mmwe abalina ebiseera byammwe eby'okuwummula ebisembedde, mujje. Kubeera kusiisira okunene, ku mugga kwennyini, awo, ha, tu. . . okubuulira kwonna kwe wali owulidde. Bonna babeera ku mugga nga beetala badda eno n'eri, ababuulizi, nga babuulira buli ku makya, n'okuyita mu lunaku lwonna n'ekiro. Kale bonna bakuŋŋaana wamu. Kifo kigazi bulungi we basiisira, kinene nnyo kikubisaamu ekya Silver Hills, emirundi egiwera. Kw'ossa—kw'ossa n'ekifo ekigazi obulungi ennyo we tusobola okutuuza abantu abali wakati w'akanaana n'omutwalo. Ate nga buli mulundi kijjula ne kikubako. Tubeera n'ekiseera ekirungi ddala mu Ohio.

32 Kati Ow'oluganda nnamukadde Kidd, ggwe nnagenda okusabira, amakya ga luli. Ekyo mwenna mukijjukira nga nkibagamba, wiiki nga ssatu eziyise? Omusawo yamuwa essaawa abiri mu nnya, okuba nga akyali mulamu. Naye gy'ali mulamu n'okutambula atambula. Alina Ekyawandiikibwa kye yanokola, oluyimba lwe yali tasobola kuyimba. Naye nnagendayo ne mulaba ku makya ga luli, nga alina akaleesu ke ako ke yeesuulira

ku mugongo. Nnasimbula okuva wano nga ebulayo essaawa nga ssatu oba nnya busaasaane, nsobole okwanguwa okumutuukako. Baali bagambye nti yali wa kufa ku olwo; yalina kkookolo w'akawago.

33 Era mukyala we omwagalwa, omukadde, mukazi wattu, yayolezanga nnusu ataano olunaku; okuva nga emmambya tennasala, okutuusiza ddala ekiro, nga ayoleza nnusu ataano, okusobola okulaba nga bba abeera ku mulimu gw'okubuulira enjiri nga omubuulizi. N'abuulira enkuŋŋaana ez'okudda obuggya za wiiki bbiri, ne bakuŋŋaanya ekiweebwayo, naafunamu ennusu kinaana.

34 Naye bwe nnabalaba amakya ga luli nga batudde awo, bambi bannamukadde, emigogo gy'abafumbo, manya, abafumbo ababiri, nga batudde awo, nga omwami yeesuulidde akaleesu ke ku kibegabega. Nga n'omu ku abo abaakyusibwa okubuulira kwe, mukadde wa myaka kyenda mu ebiri, naye nga ye bw'omulaba mukyamufu era alabikira ddala bulungi, Mupentekoote kayingo, nga naye atudde awo, bw'atyo. Ne mbabuuza nti, "Mumanyi kye mulindiridde wano mwe bannamukadde? Mulinze bulinzi lyato kujja." Kye kyokka. Bye baalina okukola, byonna babituukirizza, e—ekigendererwa kyabwe bakituukirizza, era kati beetegefu okugenda okusisinkana empeera yaabwe.

35 Era nnagamba Ow'oluganda Chev, Ow'oluganda Kidson . . . Kidd, ku makya ago nti, "Olibeerayo mu lukuŋŋaana lw'e Chautauqua."

36 Yankubidde eggulo, n'aŋŋamba nti, "Ndi . . . Nja kubaayo, Ow'oluganda Branham." Nga ali bulungi.

37 Waliwo bingi ebyali mu lukuŋŋaana, okuva mu buweereza bwange obupya ebikyajja. Waliwo ow'oluganda, ow'oluganda ono Omubaputisiti ayimiridde wano, muwala we, ali mu myaka egy'ekivubuka, eyali yakwata ekkubo ekkyamu. Ne mmugamba nti, "Nkuwa muwala wo ku lwa Mukama waffe Yesu," ku makya ga luli. Era bwe yaddayo eka, omuwala yalokoka. Era waliwo n'omulala ali wano enkya ya leero, eyazze okubatizibwa era nga agenda mu maaso.

38 Waaliwo n'omusajja, Mw. Sothmann, mukwano gwange okuva e Canada, nnyazaala we yali mu mbeera mbi nnyo ddala nga agenda kufa, ne mmugamba nti, "W'onaatuukira nnyazaala wo ojja kumusanga, nga ali bulungi, nga assuuse, kale." Era bwe kityo bwe kyali. Era kati . . . abantu bakyajja. Kati kyakatandika butandisi, kyeyongera mu maaso. Naye, ha, mu byonna tusuubira ekisukkulumye, eky'omuyiika. Tuli mu nnaku embi era ezisembayo, naye ate tuli mu kaseera ak'ekitiibwa.

39 Kati Bayibuli zammwe muzirina, tusome, essuula ey'o 8 eya Samwiri? Kati nasuubizza Gene asigalewo wali, ne bino

ebisigadde abikwate ku ntambi. Twabadde twakatandika, mu lukuŋŋaana lwaffe.

> *Naye abantu ne bagaana okuwulira eddoboozi lya Samwiri; ne boogera nti, Nedda; naye twagala kabaka atufuge;*
>
> *Naffe . . . tufaanane . . . nga* eggwanga, *amawanga gonna; kabaka waffe atusalirenga emisango, atabaalenga ng'atukulembedde atulwanirirenga entalo zaffe.*
>
> *. . . Samwiri n'awulira ebigambo* bino *byonna eby'abantu, n'a . . . n'abyogera mu matu ga* MUKAMA.
>
> *Awo* MUKAMA *n'agamba Samwiri nti Wulira eddoboozi lyabwe obakolere kabaka. Samwiri n'agamba abasajja ba Isiraeri nti Muddeeyo buli muntu mu kibuga ky'ewaabwe.*

40 Kati okuva mu kino bwe mba wa kugezaako kulonda mutwe gwa kyakuyigirizaako, enkya ya leero, gwe nnyinza okuyita omutwe gw'ekyokuyigirizaako, okumala eddakiika entonotono, njagala nnonde omutwe ogugamba nti: *Kabaka Eyagaanibwa.*

41 Kino kyali kiseera, nga bwe kiri mu biseera ebirala byonna, nga abantu tebaagalangako Katonda kubakulembera. Balina engeri eyaabwe ey'okukulemberwa bo gye baagala. Era emboozi ku makya ga leero . . . Kati bw'oddayo ewuwo ewaka, kijja kukukola bulungi okugisoma yonna. Kyaliwo mu kiseera kya—mu nnaku za Samwiri, omusajja wa Katonda, nnabbi. Era yali musajja atuukiridde, nga musajja mulungi, aweebwa ekitiibwa, asiimibwa abantu, ow'amazima era omwesimbu eri bantu, nga tabalimbangako, tababuulira kirala kyonna okuggyako BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA nga bw'ali.

42 Naye abantu baali batuuse we baayagalira enkola eno bagikyuse. Baali beetegerezza Abafirisuuti, n'Abameleki, Abaamoli, Abakiiti, n'amawanga g'ensi amalala, nga balaba bo balina bakabaka ababafuga, era ababalinako obuyinza, ababaluŋŋamya, era ababalwanira entalo zaabwe n'ebirala. Era kino kirabika nga Isiraeri abaayagala nabo bafaanane nga bakabaka bano, era nga abantu bano.

43 Naye tekibangako kigendererwa kya Katonda, mu mulembe gwonna, abantu Be okweyisa nga abantu b'ensi, oba okuba nga baliko obuyinza obubafuga oba okufugibwa nga abantu b'ensi. Abantu ba Katonda, okuva edda n'edda lyonna, babaddenga bantu a—ab'envuma, abantu abaawufu, abaayitibwayo, abaayawulibwa, nga baawukanira ddala mu bye bakola, mu nkola zaabwe ez'ebintu, mu ngeri gye batambuzaamu obulamu, okwawukana ku by'abantu b'ensi. Ebintu ebibasikiriza, n'engeri gye baakolebwa, lubeerera bibaddenga bikontana n'ebintu abantu b'ensi bye bayaayaanira.

44 Naye abantu ba Isiraeri bajja eri Samwiri ne bamugamba nti, "Kaakano, laba ggwe ogenda okaddiwa, ate batabani bo tebatambulira mu kkubo lyo." Kubanga, tebaali baamazima nga Samwiri. Baali bali ba nguzi era bakenuzi. Kye baava bamugamba nti, "Samwiri, batabani bo tebalinga ggwe, kale twagala ogende otunoonyeze kabaka, omufukeko amafuta, naffe tufaanane nga abantu abalala ab'ensi."

45 Naye Samwiri n'agezaako okubagamba nti ekyo tekijja kukola. N'abagamba nti, "Ekyo ssinga mukikola, ekisooka kye muba mumanya, mujja kwesanga nga kabaka oyo ajja kuyitayo batabani bammwe bonna okuva mu maka gammwe, abafuule abajaasi, ab'okukulemberanga amagaali ge, n'okwebagalanga eby'okulwanyisa n'amafumu. Si ekyo kyokka, naye era ajja kuyitayo bawala bammwe, abafuule abafumbi b'emigaati, ababaggyeko, bafuuke ab'okuliisanga eggye. Era," n'agamba nti, "nga oggyeeko ebyo byonna, ajja kubasoloozangako omutemwa gw'emisolo, ku birime byammwe, ne ku by'enfuna byammwe byonna. Ebyo byonna ajja kubiggyangako omusolo, okusobola okusasulira amabanja ga gavumenti agatali gamu, n'ebirala, ebinaaba byetaaga okusasulibwa." N'abagamba nti, "Ndowooza, mu kino, eno mukola nsobi." Naye . . .

46 Abantu ne bagamba nti, "Naye era tukyayagala naffe tufaanane nga abantu abalala." Waliwo ekiri mu basajja n'abakazi, ekibaleetera okwagala oli okufaanana munne. Ate nga waliwo omusajja omu yekka eyali abadde ku nsi eyali eky'okulabirako kyaffe, era nga Oyo ye yatufiirira ffenna, Mukama waffe era Omulokozi waffe, Yesu Kristo. Ye yali eky'okulabirako ekituukiridde eky'ekyo kye tuteekwa okuba, nga bulijjo yabeeranga ku mulimu gwa Kitaawe, era nga akola ekyo ekituufu.

47 Naye Samwiri ne bwe yagezaako atya okumatiza n'okukakasa abantu, baasigala bamwetayirira, emisana n'ekiro nti, "Twagala kabaka. Twagala omusajja. Twagala omusajja naffe gwe tusobola okugamba nti, 'Ono y'atuluŋŋamya.'"

48 Ate nga okwo tekubangako kwagala kwa Katonda. Tekubangako kwagala kwa Katonda, era tekulibaako kwagala kwa Katonda, omuntu okufuga munne. Katonda y'afuga omuntu. Katonda ye Mufuzi waffe, Kabaka waffe.

49 Era kya mutawaana nnyo ddala, ogutagambika leero, kubanga kirabika nga omuntu era alina endowooza y'emu eyo. Balabika nga abalemeddwa okukitegeera nti Katonda y'akyakulembera omuntu, so si muntu kukulembera muntu munne.

50 Bwe batyo beerondera omusajja ayitibwa Sawulo, eyali mutabani wa Kiisi. Era yali musajja amanyiddwa nga asiimibwa abantu, musajja wa kitiibwa. Naye yalina ebisaanyizo byonna abantu bye baali baagala abe nabyo, kubanga yali musajja wa

kiwago, muwanvu, wa kitiibwa, ow'ekigera. Ekyawandiikibwa kigamba nti yali asinga buli musajja yenna mu Isiraeri obuwanvu okuva ku bibegabega okudda waggulu. Yali afaanana nga kabaka yennyini, era nga alabika bulungi nnyo mu maaso. Yali mugezi ddala era nga musajja atasangikasangika.

51 Kati, ekyo kye kikula ky'omuntu abantu gwe baagala balonde ensangi zino. Abantu balabika nga tebamatizibwa na ngeri Katonda gye yateegekamu Kkanisa Ye, kubeera nga ekulemberwa era efugibwa Mwoyo Mutukuvu. Baagala baabeeko n'omuntu gundi, omusajja gundi, ekibiina ky'eddiini gundi, abantu ba gundi be baba bakulembera Ekkanisa. Kibeere nti, bo tebalina kweweerayo ddala mu mikono gya Katonda, kubeera ba mwoyo, kukulemberwa Mwoyo Mutukuvu. Baagala wabeewo omuntu gundi y'aba abamenyekera, omuntu anaabagamba bwe balina okukikola, ne byonna ebikikwatako.

52 Kale omusajja ono yalabika nga ekifo ddala akigwanira, olw'okuba yali musajja mukenkufu.

53 Era ekyo kifaananamu n'ekikolebwa ensangi zino. Naffe, abantu bwe batyo be twagala tulonde, okufuga amakanisa gaffe, okufuga Ekkanisa ya Katonda. Ekyo ssirina kikyamu kyonna kye nkyogerako, wabula njagala kuggyayo nsonga yange, nti: si kwe kwagala kwa Katonda, tekubangako kwagala kwa Katonda, era tekulibeera kwagala kwa Katonda, ekyo okuba bwe kityo. Katonda y'alina okufuga abantu Be, okuba n'obuyinza ku buli ssekinnoomu.

54 Kati tukiraba nti mutabani wa Kiisi ono, omusajja ow'amaanyi, ne—n'ekigera kye, ne. . . Yalabika nga abantu gwe baagala, nga era omunagiro gwe bw'anaagwambala gwa kumunyumira. Nga n'engule ku mutwe gwe, enaaba eyitamu waggulu w'abantu abalala, nti era bw'anaatambula, anaaba wa—wa mugaso nnyo eri obwakabaka bwa Isiraeri. Kubanga, bakabaka bali abalala, ab'amawanga gali amalala, baali bajja kuwuniikirira bagambe nti, "Laba omusajja eyakula!" Nga baali ba kumusongangako nga bwe bagamba nti, "Labayo ggwe, kabaka ow'amaanyi gwe tulina! Laba omusajja ow'ekitalo atufuga!"

55 Era nga kya nnaku okwogera, naye ate nga bwe kiri ne ku kkanisa olwa leero, beenyumiriza okugamba nti, "Omusumba waffe si mufunda wa bwongo. Musajja wa maanyi. Ddiguli ye yagikolera mu Hartford," oba ettendekero erimu ery'amaanyi eriyigiriza eby'eddiini. "Alina ddiguli nnya okuva mu kifo *gundi*. Era musajja agya obulungi mu bantu." Ebyo byonna biyinza okuba ebirungi, era nga birina ekifo kyabyo we bikolera. Naye enkola ya Katonda eri Ekkanisa Ye eri nti erina kukulemberwa Mwoyo Mutukuvu, na Mwoyo We.

56 Naye beenyumiriza nga bagamba nti, "Ffe tulina eno eddiini eyaffe ennene. Twatandika tuli batono, nga tuli bantu ba

lubatu, batono ddala. Naye kati twakula ne tutuuka okuba nga tuli emu ku ddiini ezisingira ddala obunene. Ffe tulina amatendekero agasingayo obulungi, n'ababuulizi abasingayo okuba n'obuyigirize. Ffe tulina ekibiina ky'abantu abasingayo okwambala obulungi. N'abantu abasingayo okuba abakenkufu bava mu ddiini yaffe. Era tuwaayo okuyamba abeetaaga obuyambi. Tukola n'ebikolwa ebirungi, n'ebiringa ebyo." Ate nga ddala ebyo byonna tebirina mutawaana gwonna, era kikafuuwe, nze okubaako ekigambo kye njogera okubivumirira, kubanga ebyo byonna birungi.

57 Naye, era, si kwagala kwa Katonda omuntu okufuga omuntu munne. Katonda, ku Lunaku lwa Pentekoote, yasindika Omwoyo Omutukuvu okufugira mu mitima gy'abantu, n'okufugira mu bulamu bw'omuntu. Omuntu teyalina kufuga muntu munne.

58 Naye ekyo kitunyumira okwogera. Kintu eky'okwenyumiriza bwe tugamba nti tuva mu kibiina bwe kiti ne bwe kiti ekinene.

59 "Oli Mukristaayo?" Eky'okuyigirizaako kino bwentyo bwe nnakifuna, lwe nnali mu ddwaliro. Nga mbaako ne gwe mbuuza nti, "Oli Mukristaayo?"

"Ndi wa ddiini *gundi*."

"Oli Mukristaayo?"

"Ndi wa ddiini *gundi*."

60 Waliwo nnansi omu eyajja mu kisenge mwe nnali, mwe nnali nsomera Bayibuli, era yali—yali nnansi mupya mu kifo ekyo. N'ambuuza nti, "Oli otya." N'aŋŋamba nti, "Nzikiriza ggwe Lev. Branham, eyazze okukeberebwa omubiri."

Ne muddamu nti, "Ye nze."

61 N'ambuuza nti, "Nkusiimuuleko mu mugongo n'eddagala eriweweeza, likukakkanye?"

Ne mugamba nti, "Nsiimuula."

62 Aba ansiimuula mu mugongo, kwe kumbuuza nti, "Oli wa nzikiriza ya ddiini ki?"

63 Ne mmuddamu nti, "Ha, nva mu kibiina ky'eddiini ekisingirayo ddala obukadde ekyali kibaddewo."

N'ambuuza nti, "Kibiina kya ddiini ki ekyo?"

64 Ne mmugamba nti, "Ky'ekyo ekyatondebwawo nga n'ensi tennatondebwawo."

65 Era, "Ha," n'agamba nti, "ekiki? Ekyo ssikkiriza nga n'okukimanya nkimanyi." N'aŋŋamba nti, "Nze nva mu kkanisa *gundi*. Kye kibiina ekyo ky'oyogeddeko?"

66 Ne mmugamba nti, "Nedda, maama. Ekyo ekibiina, kyakatandika jjuuzi wano emyaka nga bibiri egiyise. Naye kino ekibiina kye njogerako kyo kyatandika luli emmunyeenye z'oku makya lwe zaayimbira awamu, n'abaana ba Katonda lwe

baleekaana olw'essanyu, bwe baalaba okujja kw'Omulokozi nga ajja okununula olulyo lw'omuntu."

67 N'alekeraawo okunsiimuula omugongo. Nnali nkutamyemukko katono, eno *bw'enti*, omukyala oyo asobole okunsiimuula. Era yali aviira kumpi ne Corydon, emmanga wano. Ne tutandika okunyumya. N'aŋŋamba nti, "Ssebo, bulijjo mbaddenga nzikiriza nti Katonda bw'aba yali abaddeko Katonda, Akyali Katonda, leero, nga bwe Yali mu nnaku ez'edda." N'agamba nti, "Wadde nga ekkanisa yange ekyo ekiwakanyiza ddala, naye nze nzikiriza nti ge Mazima."

68 Ne mmugamba nti, "Toli wala nnyo na Bwakabaka bwa Katonda, muwala."

N'ambuuza nti, "Bw'Aba Yali abaddeko omuwonya, si muwonya na kati?"

Ne mmugamba nti, "Mazima ddala bw'Ali, mwannyinaze."

69 Naye omuntu ayagala afuge, era afuge muntu munne. N'omuntu naye ayagala muntu munne y'aba amufuga. Tayagala Katonda kufuga.

70 Kale nno mutabani wa Kiisi ono, ayitibwa, Sawulo, ye yali okwanukulwa kwennyini eri ekyo kye baali baagala, omusajja omugulumivu ow'ekitiibwa. Era e...Ha, asobola okubakulembera mu ntalo zaabwe, n'ebintu ebirala ebitali bimu. Naye, era, si y'eyali enkola Katonda gy'akolamu ebintu. Katonda ye yali ayagala nnabbi We nnamukadde omwesigwa y'aba abaluŋŋamya, era y'aba ababuulira Ebigambo Bye.

71 Kati, n'olwa leero, mu mulembe gw'ekkanisa gwaffe guno ogw'amaanyi mwe tuli, ffe, muli ndowooza, era kino nkikkiriza n'omutima gwange gwonna, nti tukoledde ddala ekyo ekikontana n'ekyo Katonda kye yatwawulira okukola. Ebigambo by'Omulokozi waffe ebyasembayo byali mu Makko 16. Yagamba nti:

> *Mugende mu nsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna.*
>
> *Oyo akkiriza n'abatizibwa alirokoka;...atakkiriza omusango gulimusinga.*
>
> *N'obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; Mu linnya lyange* baligoba *emizimu; banaayogeranga mu nnimi empya;*
>
> Era bwe *banaakwatanga ku misota;* oba... *okunywa*...ebintu *ebitta*, *tebiibakolenga kabi konna;* era bwe *banaa*...*banassanga emikono* gyabwe *ku balwadde,*...nabo banaawonanga.

72 Tewaliiwo muntu yenna, tewaliiwo mutabani wa Kiisi, yadde omuntu omulala yenna, asobola kuvaamu ebyo awatali kukulemberwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Naye tukoze amasomero,

tukoze amatendekero g'eby'eddiini, tugunjizaawo ebibiina, okusobola o—okusiimibwa, n'okufaanana nga abalala bonna.

73 Kati, Omwoyo Omutukuvu ye yali Omukulembeze mu ggwanga lino. Eggwanga lino lyali likulemberwa mu biseera biri . . . mu biseera biri we baawandiikira ekiwandiiko ky'obwetwaze. Era waaliwo entebe ey'enjawulo eyateekebwa awo. Ssirinaamu kubuusabuusa kwonna mu mutima gwange nti Omwana wa Katonda teyatuulanga mu ntebe eyo, eggwanga lino bwe lyatandikibwa ku musingi ogw'okuba n'eddembe ly'okubeera mu ddiini gy'oyagala n'ogw'eddembe eri bonna, ne ku musingi ogw'Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo.

74 Naye ebyo twabityoboola. Eby'obufuzi; tulonze abantu okubayingiza mu bukulembeze, nga abalonzi batunda obululu bwabwe ne bugulibwa abeesimbyewo, wamu n'ebisuubizo eby'obulimba. Okutuusa . . . Eggwanga lyaffe, n'eby'obufuzi byaffe, ne demokulasiya waffe, byonna lwe byonoonekedde ddala ne bituuka okwezingirira n'obwannakalyak'ani n'obubondo obwa buli kika.

75 N'emirundi mingi twalangiriranga ebiseera eby'okusaba, ekinywi ky'amawanga ag'enjawulo bwe gaasisinkananga, era ne . . . oba bwe baabangako ne bye bakubaganyaako ebirowoozo. Naye waliwo ekiseera, ekikulu ddala, jjuuzi, wano, tewaaliwo kiseera kya kusaba kyalangirirwa yadde n'omulundi ogumu guti. Tunaamalawo tutya enjawukana awatali kusaba? Tusuubira tutya, mu nsi yonna, okubaako ne kye tukola kyonna awatali kukulemberwa kwa Mwoyo Mutukuvu?

76 Naye leka njogere kino n'okwagala n'okussaamu ekitiibwa eri eggwanga lyaffe n'eri bbendera yaalyo, n'eri bannansi b'ekiikirira: Tugaanye Omukulembeze waffe, Omwoyo Omutukuvu, era okuyita mu by'obufuzi ebivundu tulonze abasajja ab'endowooza ezaakyaamizibwa. Era bwe muteegendereza, bagenda kukola emu ku nsobi ekyasinzeeyo okuba embi ennyo mu ze baali bakoze, akaseera kano kennyini, naye nga kiva ku bantu kwagala bantu kuba nga be babafuga.

77 Kye twetaaga mu kibuga ekikulu eky'eggwanga ly'Amerika lino, nga omukulembeze w'eggwanga, kye twetaaga mu lukiiko olukulu olwa Congress, kye twetaaga mu mbuga zaffe ez'amateeka, be basajja abaweereddeyo ddala obulamu bwabwe eri Katonda, ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era nga bakulemberwa kuluŋŋamizibwa Kwe okw'Obwakatonda. Naye, mu kifo ky'ekyo, tulonda basajja ab'amagezi, abasajja "abalabika nga abatya Katonda, kyokka nga beegaana Amaanyi ga Katonda," abasajja abatakkiriza na kukkiriza nti waliyo Katonda, nga n'emirundi egimu babi nnyo n'okusingako awo, be tuleese mu nkola zaffe ez'eby'obufuzi, by'eggwanga lyaffe.

78 Si ekyo kyokka, wabula ne mu makanisa gaffe. Amakanisa gaffe goonoonese olw'okuba, bwe tutuusenga

okulonda abasumba baffe abanaatukulembera, tugenzenga mu matendekero ga bya ddiini ne tulondayo abasajja aboogi b'obwongo, abasajja abagezi ddala mu ngeri gye balowoozaamu, abasajja abaakuguka mu bye baasoma, era abagya obulungi mu bantu, era nga basajja ba maanyi nnyo ddala mu kitundu, nga ekyo ssikirinaako nsonga n'emu gye nkyogerako. Abasajja ab'ekisa mu nkola gye bakolamu, abeegendereza mu nkola zaabwe, n'engeri gye beeyisaamu nga bali n'abasajja abalala, ne mu bantu, abasajja abakugu mu bye baasomerera, nga ekyo ssirina kikyamu kyonna kye nkyogerako. Kikafuuwe omwoyo gwange okuba mubi ekyenkanidde awo. Naye, era, abo Katonda si be yatulondera.

79 Yatulondera bukulembeze bwa Mwoyo Omutukuvu: Kristo mu mitima gy'abantu. Bangi ku basajja abo aboogi bw'obwongo abayimirira mu bituuti byaffe tebakkiriza nti Omwoyo Omutukuvu ddala gy'ali. Bangi ku bo tebakkiriza kuwonyezebwa okw'Obwakatonda n'Amaanyi ag'Omwoyo gye biri.

80 Waliwo ekitundu ky'eggulire kye nnabadde nsoma, nzikiriza lwabadde, lunaku lwa jjo, okunokola okuddiriŋŋana okwasalibwa mu mpapula z'amawulire okukwata ku Jack Coe, omugenzi Jack Coe, e...omu ku be nnaleeta eri Mukama waffe Yesu, eyali omusajja ow'amaanyi omuzira, mu biseera bye. Era yayitibwa nga bamuvunaana, emmanga mu Florida, ogw'okugamba omwana omuto okuggyako ebyuma ku magulu ge, atambule ku kituuti. Nga ekyo mu kukikola, omwana yatambula awo wonna ku kituuti, bulungi ddala nga talina buzibu bwonna, naye n'anogoka n'agwa bwe yatuuka eri nnyina. Nga kyonna lwali lukwe lwa mulabe wa Kristo, bwe batyo omukazi ono ne bba ne bawalaawala muganda waffe ne bamutwala mu mbuga z'amateeka mu kitundu ekyo.

81 Naye mu kaseera ako buli kkanisa we yali eteekwa okuyimirira n'Ow'oluganda Jack, buli munnakkanisa yenna ayatula Erinnya lya Yesu Kristo we yali ateekwa okuyimirira ku luuyi lwe, n'obumalirivu, buli muntu yenna akaabirira Erinnya lya Mukama Yesu yali ateekwa okukka ku maviivi ge mu kusaba, naye, mu kifo ky'okukola ekyo, ku mitwe gy'empapula z'amawulire kwali kuwandiikiddwaako, nga ekimu ku bibiina byaffe eby'eddiini eby'amaanyi bagamba bakwataganye n'abatakkiriza nti waliyo Katonda, okusingisa omusango, n'okusiba Ow'oluganda Jack Coe. Ddala osobola okukikkiriza, ekkanisa abeeyita Erinnya lya Kristo, okukwatagana n'atakkiriza nti waliyo Katonda, okusalira omusango omusajja atya Katonda eyali agezaako n'omutima gwe gwonna okuyimirira ku lwa Bayibuli? Naye baakikola.

Era Ow'oluganda Gordon Lindsay ye yagendayo okumuwolereza.

82 Kale omulamuzi atakkiriza bwe yagamba nti, "Omusajja ono mufere kubanga yaggya ebyuma ku mwana oyo n'amulagira atambule ku kituuti, era n'agamba nti 'awonyezeddwa.' Naye yalimba, era kye yakola kikontana n'ebiragiro by'abasawo, n'olwekyo avunaanibwa omusango gw'obufere."

83 Bw'atyo Mw. Coe kye yava asituka, n'agamba nti, "Ssebo, ekyo ky'oyogedde nkiwakanya. Omulenzi Katonda yamuwonya."

84 Omulamuzi n'agamba nti, "Njagala omuntu yenna mu kkooti eno asobola okukakasa oba ekigambo ekyo kituufu, nti Katonda asobola okuwonya omulenzi oyo ku luuyi olumu olw'ekituuti, ate n'amuleka n'addamu n'aba mulwadde ku luuyi olulala. Ekigambo ekyo bwe kiba kisobola okukakasibwa mu Bayibuli, awo nja kugamba nti Mw. Coe by'ayogedde bituufu."

85 Ne wabaawo omuweereza n'agolola omukono gwe, n'agamba nti, "Ow'ekitiibwa, ssebo, nkikakase?"

Omulamuzi n'agamba nti, "Kikakase."

86 Omuweereza n'ayimirira, n'agamba nti, "Lumu ekiro, ku nnyanja eyali ejjudde amayengo, akaato akatonotono bwe kaali kanaatera okubbira wansi ku ntobo y'ennyanja, nga essuubi lyonna ery'okuwonyezebwa liweddewo. Baalaba Yesu, Omwana wa Katonda, ng'ajja atambulira ku mazzi. Omu ku batume, ayitibwa Peetero, n'agamba nti, 'Bw'oba nga ye Ggwe, Mukama, ndagira nzije gy'Oli nga ntambulira ku mazzi.'" N'agamba nti, "Mukama waffe n'agamba omutume Peetero nti, 'Jangu.' N'asitula ekigere n'ava mu lyato, ssebo, nga atambulira ddala bulungi nga Yesu bwe yali atambula, nga atambulira ku mazzi. Naye bwe yatya, n'atandika okubbira nga tannatuuka Yesu we yali."

Omulamuzi n'agamba nti, "Omusango gugobeddwa."

Twetaaga kukulemberwa kwa Mwoyo Mutukuvu, so si basajja boogi ba bwongo.

87 Bw'atyo Sawulo, mutabani wa Kiisi, yafuulibwa omuduumizi w'abantu, era n'atwala abasajja enkumi bbiri, ne Yonasaani n'atwala lukumi. Yonasaani n'aserengeta mu nkambi n'attayo ekibinja ky'Abaamoli, manyanga, Abaamoli. Era bwe—bwe yabatta, Sawulo n'afuuwa ekkondeere, n'agamba nti, "Mulaba Sawulo ky'akoze." N'atandika okwegulumiza.

88 Omusajja oluba okufuna ddigguli y'obwa Dokita mu by'Eddiini ati, oba n'abaako n'akatiibwa kaafuna akoongerezebwa ku linnya lye, kyenkana, afuuka amanyi buli kimu.

89 Abasajja ba Katonda basajja beetowaze. Abantu ba Katonda bantu beetowaze. Bw'olaba omuntu agamba nti yafuna Omwoyo Omutukuvu, ate n'atandika okweyawulayawula ku balala, nga alabika nga, atalina Kukkiriza, nga agenda, agezaako okwefuula

ky'atali, jjukira bujjukizi, nti aba tasembezanga Mukama waffe Yesu.

90 Kati tukiraba nti omulabe yayingira. Era nga yali wa kuyingira mu kabinja k'abantu ba Katonda, era nga yali wa kutungulamu eriiso erya ddyo erya buli muntu.

91 Omulabe bulijjo ekyo ky'agezaako okukola, kutungulamu amaaso gombiriri, bw'aba asobola, abantu baleme kulaba kye bakola. Ekyo Ssetaani ky'agezaako okukola buli Mukristaayo leero, amutungulemu amaaso ge ag'omwoyo, abeere nga ebintu abitegeera na ntegeera ya bwongo kyokka, so si na ntegeera ya Mwoyo Mutukuvu nga y'amukulembera.

92 Kale ekyo bwe baakikola, bwe baafuna obuwanguzi obw'amaanyi, Sawulo n'asala ente ennume bbiri ensava n'aziweereza eri abantu bonna. Era kino wano nnandyagadde mukyetegereze, Sawulo bwe yaweereza obufiifiifi bw'ente eri Isiraeri yonna, n'abagamba nti, "Leka buli muntu yenna ataagoberere Samwiri ne Sawulo, leka abeere, nga ente ennume *eno*." Mulaba bwe yagezaako okweyoleka n'omusajja wa Katonda mu ngeri ey'obulimba? Nga—nga tekyali kya Bukristaayo n'akatono! Abantu bo baali batya Samwiri. Naye bonna Sawulo yabawaliriza okumugoberera olw'okuba abantu baali batya Samwiri. "Leka bagoberere Samwiri *ne* Sawulo."

93 Kati mirundi emeka, leero, ekyo gye tukiwulidde! "Ye ffe Kkanisa eri ey'ekitalo. Ye ffe Kkanisa ya Kristo. Ye ffe Kkanisa ya Katonda. Ye ffe—ffe *kino-na-kiri*." Kireetera abantu okufuna okutya, nga balowooza nti omwo ddala Katonda mw'akolera. Ate tebaagala kukulemberwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Waakiri bagoberera omuntu bw'atyo, kubanga baagala batambulire mu bulamu bwabwe bwe baagala okutambuliramu. Baagala bakkirize ekyo kye bawulira kye baagala okukkiriza.

94 Mukiraba? Omwoyo Omutukuvu ye Mulamuzi waffe. Katonda tatuwangako ppaapa, oba omulabirizi, oba omuntu omulala yenna, mbu y'aba abeera Omulamuzi. Omwoyo Omutukuvu, Katonda Mwene, mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, ye Mulamuzi waffe era ye Mulunnamya waffe. Kati, kiri kijja kitya?

95 Bambi munsonyiwe olw'enjogera eno ey'obukambwe, era enkambwe ennyo. Ssigenderera kukyogera lwa mutima mubi. Nkyogera mu kwagala.

96 Naye Omwoyo Omutukuvu agamba kikyamu abakazi baffe okusalako enviiri zaabwe. Era kikyamu abakazi baffe okwambala obuwale obumpi n'empale empanvu, n'okwesiiga bi langi ku mimwa gyabwe ne mu maaso. Omwoyo Omutukuvu agamba kikyamu.

97 Naye twagala abasajja abatugamba mbu tekirina mutawaana, "Kasita tugoberera nze ne Samwiri." Baagala beeyise nga bwe baagala mu nnaku omukaaga, oluva awo

bagende ku kkanisa ku Ssande ku makya. Olwo omuyivu omu eyatikkirwa zi ddiguli ez'enjawulo ayogereko gye bali abeeko okubuulira okumpimpi kw'ababuulira okunaa . . . ayogereyokko ebisesa, ebinaanyonyogera amatu gaabwe basanyusibwe, nga bali nga abaliko akatambi ka ffirimu ke balaba oba pulogulaamu ya ttivi. Olumala abasabireyokko essaala ennyimpimpi, abasiibule badde eka ne—n'okwegumyagumya nga bwe batuukirizza obuvunaanyizibwa bwabwe obw'eddiini. Ekyo Omwoyo Omutukuvu si ky'ayagala.

98 Omwoyo Omutukuvu akubanja kutambulira mu bulamu bwa kutya Katonda, buli lunaku lwa wiiki, na buli kiro, nga weeyawula ku bintu by'ensi.

99 Naye ekyo ekkanisa tekyagala. Baagala omuntu asobola oku—okutaputa Bayibuli nga bwe baagala okugiwulira. Tebakkiriza kuwuliriza Ddoboozi lya Mwoyo Mutukuvu nga lyogera okuyita mu Bayibuli. Bangi ku bo baagala okugamba nti, "Ennaku z'ebyamagero zaayita." Ekyo kye kinyonyoogera abantu. Baagala okugamba nti, "Eby'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu tebiriiyo." Abantu tebaagala kweyisa mu ngeri ya njawulo kwawukana ku b'ensi bwe beeyisa. Tebaagala kugenda ku nguudo nga obwenyi bwabwe bunaaziddwa, ku—kubeera basajja abalabika obulungi, nga tebalina munwe gwa ssigala mu kamwa, na—na misokoto gya ttaaba, na mmindi na—na bintu ebiringa ebyo abasajja abalala bye bakola. N'abakazi nabo baagala basaleko enviiri zaabwe zibeere nnyimpi ddala, ba—bambale obuteeteeyi obumpi, obulaga emibiri gyabwe bwe gyakula, n'ebintu bwe bityo bye baagala. Ba—baagala abasajja abanaabagamba nti, "Ekyo tekirina mutawaana."

100 Kati, luli ekiro, ne wajja omusajja n'aŋŋamba, mbu kuba nnali mbuulidde nga nvumirira ebintu ebyo, nti ekibiina ky'eddiini eky'amaanyi, n'ebirala nga bitaano, baagamba nti, "Ow'oluganda Branham tugenda kumwesalako obutaddamu kukolagana naye mu nsonga yonna. Olina okukuŋŋaanya entambi ezo zonna ne zikomawo, n'obeetondera, oba si ekyo tugenda kukwesalirako ddala."

101 Ne ŋŋamba nti, "Nja kunywerera ku Kigambo kya Katonda. Ne bwe kiba kitegeeza kufiirwa buli kimu kye nnina mu bulamu bwange, nja kunnywerera ku Kigambo. Era na . . . "

N'aŋŋamba nti, "Ky'ogamba, olutambi *gundi* togenda kubasaba balukomyewo?"

102 Ne mmugamba nti, "Tewali kintu kyonna kye nnali mbuulidde, mu bulamu bwange, kinkwasa nsonyi. Ssirina ntambi ze ŋŋenda kusaba bakomyewo wadde ebintu byonna ebiwaandiikiddwa. Ŋŋenda kusigala n'ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ayogera. Kye nja okutambulirako era kye nja okufiirako." Kati wano ssigezaako kweyogerako. Wabula ngezaako okubalaga ekifaananyi ky'ekyo ekigenda mu

maaso, musobole okulaba era mutegeere. Abantu be baagala okukulemberwa bantu bannaabwe.

103 Samwiri tebaamwagala. Ne bwe baali tebannaba kufuka mafuta ku Samwiri kufuuka kabaka . . . manyanga Sawulo, okuba kabaka, munsonyiweko, Samwiri yaddamu n'ajja gye bali. Era ŋŋenda kukyogerera mu njogera nga bwe yandikyogedde leero. Musobole okukitegeera. Yabagamba nti, "Kabi ki akali mu Katonda okubeera Kabaka wammwe?"

"Nanti, Katonda tetumulaba."

104 "Naye, nze mukiise We," Samwiri n'ababuuza nti, "nnali mbagambyeko ekintu kyonna ekitali kituufu? Waliwo ekintu kyonna kye nnali ndagudde ne kitatuukirira nga bwe nnakyogera? Sibagambyenga Kigambo kya Mukama? Ka mbabuuze na kino: Nnali nzizeeko gye muli ne mbasaba ssente zammwe? Waliwo ekintu kyammwe kyonna kye nnali mbaggyeeko? Nnali mbaleeteddeko ekintu ekirala kyonna okuggyako BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA nga bw'ali? Nga ne Katonda akikakasizza, buli mulundi, nti ge Mazima." Nga Yatuma n'omuyaga ogulimu okubwatuka ne nnamutikkwa w'enkuba (Ekyawandiikibwa mukimanyi, mmwe, awo wennyini.) okukakasa nti Samwiri yali kamwa ka Katonda.

105 Era nga Samwiri bw'aggyirayo ddala ekifaananyi: Olwa leero, eky'Omwoyo Omutukuvu—Omwoyo Omutukuvu ke kamwa ka Katonda: akoogerera ddala ekyo Bayibuli ky'eyogera; akakkiririza ddala ekyo kyennyini Bayibuli kye yayogera, awatali kuseeseetuka kukivaako, n'akatono.

106 Naye baali baagala omuntu asobola okubaako ne by'abagamba eby'enjawulo. Ate abantu baali tebayinza kugamba nti obunnabbi bwa Samwiri bwali tebutuukiridde. Baamwanukula ne bagamba nti, "Samwiri, byonna by'oyogedde mu Linnya lya Mukama, Mukama abituukiririzza ddala nga bw'obyogeddenga. Tebiremwangako kutuukirira. Tojjangako gye tuli kutusaba ssente zaffe. Weerabiriddenga. Totusabangako kubaako kintu kya njawulo kye tukukolera. Weesizenga Katonda wo, era Akulokoddenga mu bintu byonna. N'ebigambo byo bya mazima. Buli kimu ky'oyogeddenga mu Linnya lya Mukama kituukiriddenga nga bw'okyogeddenga. Naye era twagala kabaka."

107 Mulaba okukontana okuli awo? Mu—mulaba o—obukalabakalaba bwa ssetaani, kye busobola okukola omuntu? Mu kifo ky'omukazi oyo oba omusajja oyo okweweerayo ddala eri Omwoyo Omutukuvu, n'awuliriza kiki BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA ky'agamba, n'atambulira mu bulamu obulongoofu, enneeyisa ennongoofu, ku lw'obulamu obw'enjawulo, abantu ab'envuma, eggwanga ettukuvu, abantu abeeyisa mu ngeri etali ya bantu ba bulijjo; waakiri assa kimu n'ensi, ne yeeyisa nga ensi, n'abaako ekkanisa mw'agenda

egamba nti, "Ebyo tebirina mutawaana, genda mu maaso weeyise bw'otyo."

108 Mulaba kye kiri? Bagamba mbu, "Ebyo eby'okuwonyezebwa tebiriiyo. Ha, ebyo eby'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwali kusimba musingi gwa kkanisa." Nga balinga abagamba nti, ekyo bwe kyaggwa Katonda n'atandika kukozesa muntu, Omwoyo Omutukuvu n'amuggyawo mu kkanisa, n'agirekera ekibiina ky'ediini kye kiba kigizimba. Tekisoboka, tekisoboka. Ekintu bwe kityo tekibangawo. Omwoyo Omutukuvu, Ekigambo eky'Amazima, kyali kya kukuluŋŋamya okutuusa Yesu lw'alijja. Naye bwe kityo bwe—bwe kyabaawo.

109 Sawulo bw'atyo yajja mu buyinza. Yalina . . . Yalina ekibiina ekinene ekimugoberera. Ha, yalina ebyambalo by'olutalo ebirabika obulungi. Yalina abayimbi. Yalina engabo, yalina n'amafumu. Ha, amawanga amalala gonna ye yali agasinga. N'abaleetera ne demokulasiya eyali asukkuluma ekintu kyonna omuntu yenna kye yali awuliddeko.

110 Era ky'ekyo kyennyini ebibiina byaffe eby'amadiini n'amakanisa gaffe kye bikoze leero. Ffe tulina ebizimbe by'ekkanisa ebisingirayo ddala obunene mu nsi yonna. Ffe tulina abantu abasingirayo ddala okwambala obulungi mu nsi yonna. Ffe tufuna sikaala eza waggulu ennyo ezigabibwa.

111 Nga abasajja ba Sawulo abatendeke bwe baakwatanga effumu eryo, ne baliwuuba ne balicanga amawanga ne gatuuka n'okubatya. Nga bonna, bantu batendeke. Naye, lumu, ekiseera kyatuuka ne wavaayo eyajja okusoomooza. Era yakankanyiza ddala eggye lya Isiraeri lyonna okutuusa nti bonna, baakankanira mu ngatto zaabwe. Goliyaasi yabasoomooza n'abagamba nti, "Katonda wammwe bw'aba nga ddala ali ekyo kye mugamba Ky'Ali! Mmwe abasingayo okuba abatendeke." N'abasoomooza. Baali tebamanyi kya kukola. Ebyambalo byabwe ebirabika obulungi eby'olutalo byali tebirina kye biyinza kukola. Amafumu gaabwe gaali tegalina kye gayinza kukola. Waaliwo ekintu, kye baali batawulirangako, ekyali kigenda mu maaso.

112 Era kati n'obuwombeefu bwonna n'okussaamu ekitiibwa okw'Obwakatonda, n'okugulumiza n'okusukkiriza, awamu n'okwagala n'okussa ekimu okw'Ekikristaayo, njogera kino nti: Nnasoma, luli, mu lupapula lw'amawulire olufulumira mu Afrika, mutabani wa Kiisi waffe oli, omubuulizi w'enjiri y'ebweru kayingo, omugoberezi wa Muhammadi bwe yamusoomooza, Billy Granham. N'amugamba nti, "Katonda wo bw'aba nga ye Katonda, leka Awonye abalwadde nga bwe Yasuubiza okukola." Naye mutabani wa Kiisi, n'abasigadde ku ggye lyonna, ne beemulula kasirise ne bafuluma eggwanga, nga bawanguddwa. Kiswaza. Katonda waffe ye Katonda.

113 Tulina amakanisa gaffe amalungi. Tulina ababuulizi baffe ab'enjiri abalungi ddala. Tulina abayimbi baffe abasasulwa ssente. Tulina zi kkwaya ezinywa mu zinnaazo akendo, tulina butikkiro esingirayo ddala obuwanvu mu ggwanga lyonna. Tulina abasajja abasingirayo ddala, abamu ku bannaggagga. Tulina aboogi b'obwongo. Tutegeera bulungi eby'eddiini; tusobola okubibuulira; tusobola okubitegeeza wonna. Tusobola okubuulira enjiri abantu ne bajja, ne tuyingiza obukadde n'obukadde, bw'abakyusiddwa okujja eri enjiri buli mwaka, mu kkanisa. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Naye abayimbi baffe abasasulwa ssente, n'okubuulira kwaffe okw'enjiri ey'entegeera ey'omu bwongo, tebamanyi bwe bayinza kweŋŋangamu kusoomoozebwa bwe kutyo. Tebakutegeererako ddala. Tebalina kye bamanyi ku maanyi Ge agawonya, ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ku maanyi agasobola okuddira omuntu afa kkookolo nga asigadde kisiikirize busiikirize, ne gamusumulula n'aba wa ddembe. Tebalina kye bagamanyiiko. Ebyo tebaabitendekebwamu, nga Sawulo n'ekibinja kye eky'obuntu kye yeegunjizaawo bwe baali.

114 Naye leka njogere eri abantu ba Katonda, nammwe abaana, musobole okukitegeera nti Katonda takulekangako awo nga tolina mujulirwa.

115 Sawulo, Sawulo yali talina ky'akimanyiiko. Naye Katonda yalinayo ka Dawudi awantu awamu eri emabega w'akasozi, akataaliisanga ndiga biddoddo bya madiini. Kaazitwalanga awali amazzi amateefu n'omuddo omulungi omuto. Kaafangayo eri endiga za kitaawe waako. Era bwe waabangawo ekintu kyonna ekijja, nga omulabe, okubaako emu ku ndiga za kitaawe waako gye kisikula, kaali kamanyi amaanyi ga Katonda ag'okununula endiga eyo.

116 Katonda akyalinayo Dawudi, awantu awamu, oyo amanyi kye kitegeeza okununula emu ku ndiga za Katonda, nga akozesa amaanyi ga Katonda. Nga akyagamanyi.

117 Yali yeesize ago. Yali talina n'ekimu kyonna ky'amanyi ku kyambalo kya Sawulo eky'olutalo, era yali takyetaaga. Yali teyetaaga n'emu ku ddiini zaabwe. Yali teyetaaga kyambalo kya lutalo kyonna ku mubiri gwe. Yabagamba nti, "Nze bino ssirina kye mbimanyiiko. Mundeke ŋŋendere mu maanyi g'ekyo kye mmanyi." Yali aliisizza endiga za kitaawe. Nga alabiridde ekisibo. Nga akiriisizza ekika ky'emmere ekituufu, era nga kiramu bulungi.

118 "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka. Wabula olwa buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda, omuntu anaabanga mulamu." Omusumba omutuufu aziriisa. "Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Era ssinga omulabe akwatako emu, n'agirwaza, omusumba oyo amanyi amaanyi ga Katonda.

119 Tunuulira kasajja kattu ka Dawudi, nga kayimiridde awo. Baakagamba nti, "Oyo omusajja abadde mulwanyi, okuva lwe yazaalibwa. Era okuva mu buvubuka bwe, tamanyiiyo kintu kirala kyonna okuggyako effumu n'ekyambalo ky'olutalo. Yatendekebwa bulungi. Yakuguka mu by'eddiini. Ate ggwe tobitegeera n'akatono."

120 N'agamba nti, "Ekyo kituufu, ssebo. Eby'okutendekebwa kwe mu by'eddiini ssibitegeera n'akatono. Naye waliwo ekintu kimu kye mmanyi, nti, omulabe bwe yajja, okunyakula emu ku ndiga za kitange, nnamweŋŋanga n'amaanyi ga Katonda. Ne nginunulayo. Ne ngikomyawo mirembe eri obulamu obulungi. Nnagikomyawo eri omuddo omulungi omuto n'amazzi amateefu. Era Katonda oyo eyagabula empologoma mu mikono gyange, ne ngitta bwe yali esikudde akamu ku—ku buliga, n'Ansobozesa n'okutta eddubu, Katonda w'Eggulu oyo era anaagenda nange ne nzita Omufirisuuti ono atali mukomole."

Twetaaga bukulembeze bwa Mwoyo Mutukuvu. Ennaku z'obulamu bwange ssizimanyi; tewali n'omu amanyi zize.

121 Luli nnali ngalamidde mu buliri bwange. Era nnali . . . nnali nneebase, ne ndoota nga Joseph mulwadde, era nga mmusituddewo okumusabira. Bwe nnazuukuka, ne ntawaanyizibwa nnyo. Ne ŋŋamba muli nti, "Naye, kyandiba nga Joseph agenda kulwala."

122 Ŋŋenda okulaba, nga mu maaso gange, wayitawo ekisiikirize ekitono ekiddugavu, manya ekya langi nga eya kitaka. Nga alabika nga eyali nze. Ne nkyetegereza. Ŋŋenda okulaba nga emabega waakyo waliwo Omuntu omweru akivaako emabega, nga ye Ye. Ne nkyuka ne ntunuulira mukyala wange, ndabe oba nga atunula, nkimulage, bw'aba asobola okulaba okwolesebwa. Naye nga yeebase.

123 Ne ŋŋamba nti, "Oh, nsonyiwa, Mukama. Naye, obulamu bwange bwe butyo bwe bubadde. Obadde olina kumpaliriza mu buli kimu kye nkoze. Buli lwe wabaddengawo ekintu kyonna ekituukawo, nga ndowooza nti Ggwe akikola. Naye nkizudde nga abaddenga Ssetaani nga agezaako okunziyiza obutakikola." Ne ŋŋamba nti, "Naye kale ssinga Onkulembera." Era bwe nnatunula nti, ne ndaba obwenyi obukyasinzeeyo okulabika obulungi bwe nnali ndabye ku muntu. Nga ankulembeddemu, atunudde emabega. N'agolola omukono Gwe n'akwata ogwange, n'atanula okutambula ng'adda erudda *eno*. Awo okwolesebwa ne kukoma awo. Ssande ewedde ku makya, nnali, nnali nkedde okuzuukuka. Biri byaliwo ku Lwamukaaga, eby'okwolesebwa okwo. Ku . . .

124 Bulijjo nneeraliikiriddenga, nga buli kaseera ndowooza ku kufa. Nga, bwendi wa myaka ataano, ndaba, ekiseera kyange teki . . . ndabira ddala nga ssisigazzaayo kiseera kiwanvu nnyo ekiri awo. Kati nga nneebuuza bwe ndiba nfaanana mu

mubiri ogwo ogw'omwoyo, ogw'omuggulu. "Kiriba nti ndiraba mikwano gyange abaagalwa, ka tugeze, ne ndaba akale k'olufu nga kayitawo, ne ŋŋamba nti, 'Ow'oluganda Neville wuuyo ayitawo,' oba, nga tasobola na kuŋŋambako nti, 'Oliyo otyanno, Ow'oluganda Branham'? Nga nninda Yesu lw'alijja, olwo ndyoke nziremu okubeera omuntu nate." Bwentyo bwe nnalowoozanga.

125 Lumu nnaloota nga ndi eyo mu Bugwanjuba. Era nnali nserengeta mpita mu kifo ekimu awaali obuseekende, nga mukyala wange ali nange, twali tuva kuloba byannyanja. Ne nnyimirira ne—ne nzigulawo omulyango omunene. Nga obwengula bwonna bulabika bulungi okukamala. Nga tebulabika nga bwe bulabika wano mu kiwonvu. Bwali bwa bbululu, nga bulimu ebire ebyeru ebirabika obulungi. Ne ŋŋamba mukyala wange, ne mmugamba nti, "Mukwano, kale ssinga twajja dda eno." N'aŋŋamba nti, "Ku lw'abaana, twandibadde twakikola dda, Billy." Ne mmugamba nti, "Ekyo . . . " Ne mpawamuka.

126 Muli ne ndowooza nti, "Naye ndootaloota nnyo! Nneewuunya lwaki." Ne ntunula wansi, nga mukyala wange agalamidde awo kumpi nange.

127 Ne nsituka ne nneezizika akatto kange, nga bangi ku mmwe ekyo bwe mwali mukikozeeko, ne nneesigamya omutwe gwange ku—ku kitanda, emikono gyange ne ngiteeka emabega ku mutwe gwange. Nga ndi awo ngalamidde *bwenti*. Ne ŋŋamba nti, "Naye, muli nneewuunya oba kiriba kitya, emitala w'eri. Nze nzuuno nnaweza dda emyaka amakumi ataano, kyokka ssirina kintu kyonna kye nnaabadde kukola. Kale ssinga mbaako ne kye nkola okuyamba Mukama, kuba mmanyi ssijja kubeera mulamu mirembe gyonna. Ekitundu kimu kya kubiri ku buwangaazi bw'obulamu bwange, kyenkana, kigenze, oba ob'olyawo n'okusingawo. Ne bwe mba wa kuwangaala nga abantu bange bwe baawangaala, era kimu kya kubiri ku buwangaazi bwange kimaze okuyita." Ne nneetoolooza awo amaaso. Nnali awo ngalamidde, nteekateeka kuva mu buliri. Yali ssaawa nga emu ey'oku makya. Ne ŋŋamba nti, "Ndowooza ka ŋŋende ku kkanisa, enkya ya leero. Obulago bwe bunaaba busaakaavu, nnandyagadde okuwulira ow'Oluganda Neville nga abuulira."

128 Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, ozuukuse?" Naye nga ali mu tulo tuyitirivu.

129 Kati kino ssaagala kibayiteko. Kyankyusa. Ssikyasobola kubeera Waaluganda Branham y'omu gwe nnali okusooka.

130 Nnatunula. Ne wabaawo Ekintu kye mpulira, ne kigenda mu maaso nga kigamba nti, "Waakatandika butandisi. Weeyongere okulwana olutalo. Weeyongere okulwana."

131 Ne nnyeenyaamukko omutwe katono. Muli ne ŋŋamba nti, "Naye, kirabika nze ndowoozezza bwentyo." Omanyi, omuntu

asobola okubaako ne by'afumiitiriza munda mu ye. Ne ŋŋamba nti, "Kirabika ebyo nze mbifumiitirizza."

Kyagamba nti, "Genda mu maaso n'olutalo. Weeyongere mu maaso. Weeyongere mu maaso."

132 Ne ŋŋamba nti, "Nnandiba nga nze nkyogedde." Ne mbunira ne nnuma emimwa, ne nneekwata ku mumwa.

133 Ne Kiddamu ne kikomawo, ne kigamba nti, "Weeyongere mu maaso. Ssinga obadde omanyi ekiri ku nkomerero y'olugendo!"

134 Ne mba nga awulira Granham Snelling, oba omuntu omulala, oyo eyayimba oluyimba olwo olugamba nti (Baluyimba ne wano, Anna Mae nammwe mwenna.):

> Nnumwa omwoyo okudda eka era ndi muwuubaavu, njagala kulaba Yesu,
> Njagala kuwulira ku bide biri ebivuga obulungi eby'oku mwalo nga bivuga;
> Kinaatangaaza ekkubo lyange era kinagyawo okutya kwonna;
> Ayi Mukama, nzikiriza ndabeko ebusukka-ggiggi w'ebiseera.

Mwali muluwuliddeko nga luyimbibwa wano mu kkanisa.

135 Ne mpulira Ekiŋŋamba nti, "Wandyagadde okulaba ebusukka-ggiggi?"

Ne ŋŋamba nti, "Kijja kunnyamba nnyo ddala."

136 Ne ntunula. Mu kaseera buseera, ne. . . Okugira nti nga nnina Akafo wendi ak'ekikko. Okutunulako emabega, ate nga ndaba ndi wali, ngalamidde ku buliri. Muli ne ŋŋamba nti, "Kino nga tekitegeerekeka."

137 Kati, kino ssandyagadde mukiddiŋŋane. Kino nkyogera eri kkanisa yange, oba endiga zange ze nsumba. Oba kyali nti, nnali mu mubiri guno oba nnali nguvuddemu, oba kwali kuwaanyisibwa, naye kyali tekifaanana na kwolesebwa kwonna kwe nnali nfunye. Erudda Eri nnali ndabayo, nga ate ne wano ndabawo.

138 Era olwatuuka nti mu Kafo kali, bannange ssirabangako bantu bangi bwe batyo nga bajja badduka, bwe baleekaana nti, "O, muganda waffe omwagalwa!"

139 Ŋŋenda okulaba. Nga abakazi abato, abali awo mu myaka gyabwe emito nga abiri n'okukka wansi, mu kkumi na munaana awo okutuuka ku abiri, nga bwe bagolola emikono gyabwe okumpambaatira, nga eno bwe baleekaana nti, "Muganda waffe omwagalwa!"

140 Ne wajja n'abavubuka abato, nga bonna batangalijja mu myaka gyabwe egy'ekivubuka. Nga amaaso gaabwe gaakaayakana gafaanana nga emmunyeenye eyaka mu kiro ekijjudde enzikiza. Amannyo gaabwe nga gatukula nga luulu.

Nga bonna bwe baleekaana, nga eno bwe bampambaatira, nga bwe boogerera waggulu nti, "O, muganda waffe omwagalwa!"

141 Ne nnyimirira, ne ntunulatunula nti. Nga nange ndi muto. Ne ntunulako emabega ku mubiri gwange omukadde ogugalamidde wansi awo, n'emikono gyange emabega ku mutwe gwange. Ne ŋŋamba nti, "Kino ssikitegeera."

142 Nga abakazi bano abato bwe banneetoolooza emikono gyabwe. Kaakati, nkimanyi kino kibiina ekirimu abantu ab'ekintabuli, era kino nkyogera n'obuwoomerevu obw'Omwoyo. Abasajja temusobola kuwambaatira bakazi ne watabaawo kucamuukirira mu mibiri gyammwe; naye ekyo Eri tekyaliyo. Tewaaliwo lwa jjo oba olw'enkya. Nga tebakoowa. Baali . . . Ssirabanga bakazi balabika bulungi nga bali mu bulamu bwange bwonna. Baalina enviiri nga mpanvu zituukira ddala mu biwato byabwe, ne sikaati empanvu ezituukira ddala wansi ku bigere. Nga bonna bwe bangwa mu kifuba. Tekwali kungwa mu kifuba nga mwannyinaze atudde awo, bwe yandingudde mu kifuba. Baali tebannywegera ku mimwa, nga nange ssibanywegera ku mimwa. Kyali kintu kye—kye ssirina bi—bigambo bisobola kukinnyonnyola, ssirina bigambo bye nnyinza kwogera kukinnyonnyola. "Ekituukiridde" tekiyinza kukiggyayo. "Ekisukkulumye" ate kyo tekisobola kukinnyonnyola, yadde. Kyali kintu kye si . . . Olina kutuukayo.

143 Ne ntunula erudda *eno*, n'erudda *eri*. Nga bajja, bali mu nkumi na nkumi. Ne ŋŋamba nti, "Kino nga sikitegeera." Ne ŋŋamba nti, "Kale, ba . . . "

144 Ŋŋenda okulaba nga Hope ajja. Oyo ye mukyala wange eyasooka. N'adduka n'ajja, naye teyampita, "Baze." Yaŋŋamba nti, "Mwannyinaze omwagalwa," ne bwe yangwa mu kifuba, waaliwo omukazi omulala eyali ayimiridde awo, eyali yaakangwa mu kifuba, Hope n'agwa mu kifuba ky'omukazi ono; n'abalala bonna. Muli ne ndowooza nti, "Ha, kino kiteekwa okuba nga kya njawulo. Tekisobola kubeera . . . Waliwo ekintu . . . " Muli ne ndowooza nti, "Ha, ddala nnyinza okwetaaga okudda mu mubiri guli omufu?"

145 Ne ntunulatunula okwetooloola. Ne ndowooza muli nti, "Kiki kino?" Nga ndabika bulungi nnyo ddala. Ne—ne ŋŋamba nti, "Kino si—sikitegeera." Naye Hope yalabika nga, nga, nga ye yali omugenyi omukulu. Yali tabaawukanako, naye nga alinga ye mugenyi omukulu.

146 Ne mpulira Eddoboozi mu kaseera ako eryayogera gyendi, liri eryali mu kisenge, nga ligamba nti, "Kye kino kye wabuulira Omwoyo Omutukuvu ky'ali. Kuno kwe Kwagala okutuukiridde. Era tewali ayinza kuyingira Wano nga takulina."

147 Ndi mumalirivu n'okukirawo, okusinga bwe nnali mbadde mu bulamu bwange, nti kitwala Kwagala kutuukiridde, okuyingirayo Eri. Tewaaliyo buggya. Tewaaliyo bukoowu.

Tewaaliyo kufa. Endwadde teziyinza kuyingirayo, Eri. Okufa; nga to—toyinza kuddamu kukaddiwa. Ne ba . . . Nga tebasobola kukaaba. Lyali ssanyu jjereere.

148 "O, mwannyinaze omwagalwa!" Ne banninnyisa waggulu, ne bantuuza waggulu mu kifo eky'amaanyi ekigulumivu.

149 Muli ne ndowooza nti, "Naye ssiri mu kuloota. Omubiri gwa—gwange ngulaba gugalamidde wansi wano ku buliri."

150 Ne bantuuza waggulu awo. Ne ŋŋamba nti, "O, ssirina kutuula waggulo eno."

151 Ne wajja abakazi n'abasajja, okuva ku njuuyi zombiriri, nga bali mu myaka gyabwe egy'ekivubuka, nga bwe boogerera waggulu. Omukazi omu eyali ayimiridde awo, nayogerera waggulu nti, "O, mwannyinaze omwagalwa! Ha, tusanyuse nnyo okukulaba Wano."

Ne ŋŋamba nti, "Kino nga sikitegeera."

152 Awo Eddoboozi liri eryali lyogerera, waggulu wange, ne ligamba nti, "Okimanyi, nga kyawandiikibwa mu Bayibuli nti bannabbi baali bakuŋŋaanye n'abantu baabwe."

Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo. Ekyo nkijjukira mu Byawandiikibwa."

Ne liŋŋamba nti, "Kati naawe bw'otyo bw'olikuŋŋaana n'abantu bo."

Ne ŋŋamba nti, "Ekitegeeza balibeera bakwatikako, nga nsobola n'okubakwatako."

"Mazima, ddala."

153 Ne ŋŋamba nti, "Naye, bano bali mu bukadde na bukadde. Ate ba Branham si bangi kwenkana wano."

154 Eddoboozi liri ne liŋŋamba nti, "Bano si ba Branham. Bano beebo be wakyusa. Beebo be wakulembera okujja eri Mukama." Ne liŋŋamba nti, "Abamu ku bakyala abo, b'olowooza nti balabika bulungi nnyo, baali mu myaka kyenda n'omusobyo we wabakulemberera okubaleeta eri Mukama. Ky'ova olaba boogerera waggulu nti, 'Mwannyinaffe omwagalwa!'"

155 Awo bonna ne boogerera waggulu, omulundi gumu, ne bagamba nti, "Ssinga tewagenda, tetwandibadde Wano."

Ne nneetoolooza amaaso. Muli ne ŋŋamba nti, "Naye era, ssikitegeera."

Ne ŋŋamba nti, "O, Yesu ali wa? Mpulira nneetagira ddala, okumulaba."

156 Ne baŋŋamba nti, "Kati, Ye ali wagguluko, waggulu *eri*." Ne bagamba nti, "Lumu Alijja gy'oli." Mulaba? Ne bagamba nti, "Ggwe watumibwa kuba mukulembeze. Era Katonda alijja. Era bw'alijja, ekisooka, Alikulamula okusinziira ku

bye wabayigiriza, oba nga banaayingira oba tebaayingire. Tuliyingira kusinziira ku kuyigiriza kwo."

157 Ne ŋŋamba nti, "O, nsanyuse nnyo. Ne Pawulo, naye kino alikiyitamu? Ne Peetero alikiyitamu?"

"Yee."

158 Ne ŋŋamba nti, "Awo nange mbuulidde buli Kigambo kyennyini kye baabuulira. Siseeseetukangako kukivaako, kudda eno oba eri. We baabatiriza mu Linnya lya Yesu Kristo, nange kye nnakola. We baayigiriza okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nange kye nnakola. Buli kye baayigiriza, nange kye nnayigiriza."

159 Awo abantu abo ne boogerera waggulu, ne bagamba nti, "Ekyo tukimanyi. Era tumanyi nga lumu tuligenda naawe, tuddeyo, ku nsi." Ne bagamba nti, "Yesu alijja, era oliramulwa okusinziira ku Kigambo kye watubuulira. Era bw'olikkirizibwa mu kiseera ekyo, ate nga ojja kukkirizibwa," ne bagamba nti, "olwo olitwanjula gy'Ali nga ebirabo eby'obuweereza bwo." Ne bagamba nti "Olitukulemberamu okututwala gy'Ali, era, ffenna wamu, tuliddayo ku nsi, okubeera abalamu olubeerera."

Ne mbabuuza nti, "Kitegeeza kati nnina okuddayo?"

"Yee. Naye weeyongere okulwana."

160 Ne nneetoolooza amaaso. Nga nnengera abantu, okwetooloola wonna wonna, bakyajja, baagala kungwa mu kifuba, nga bwe boogerera waggulu nti, "Muganda waffe omwagalwa!"

161 Mu kaseera ako Eddoboozi ne liŋŋamba nti, "Ebyo byonna bye wali oyagadde, na byonna ebyali bikwagadde, Wano Katonda abikuwadde." Ŋŋenda okulaba. Nga embwa yange eri, ejja esembera gyendi. N'endogoyi yange nayo n'ejja, n'ewummuza omutwe gwayo ku kibegabega kyange, n'ekaabamu nga endogoyi bw'ekaaba. Ne ligamba nti, "Buli kye wali oyagadde, n'ebyali bikwagadde, Katonda abikuwadde mu mukono gwo, okuyita mu buweereza bwo."

Ne nneewulira nga nvaayo mu Kifo ekyo ekirungi.

162 Ne nkyuka. Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, ozuukuse?" Naye nga akyebase.

163 Muli ne ndowooza nti, "Ayi Katonda! O, nnyamba, Ayi Katonda. Toŋŋanyanga okubaako Ekigambo ekimu bwe kiti kye nnekkiriranyaako. Nnyamba nneenywereze ku Kigambo ekyo, era nkibuulire. Sifaayo kiki ekijja oba ekigenda, oba omuntu yenna ky'akola; oba ba Sawulo bameka aba . . . batabani ba Kiisi abagolokoka, oba *bino*, *biri*, na *biri* byenkana wa. Nnyamba, Mukama, mpaguze okutuuka mu Kifo ekyo." Okutya kw'okufa kwonna . . .

164 Kino nkyogera, nga Bayibuli yange eri mu maaso gange, enkya ya leero. Nnina omulenzi omuto wali, wa myaka ena, gwe nnina okukuza. Nnina omuwala ow'emyaka omwenda; n'omuvubuka omuto, be nneenyumiririzaamu, abaakwata ekkubo lya Mukama. Ayi Katonda, nzikiriza mbeere mulamu, nsobole okubakuliza mu kutya Katonda.

165 Era si ekyo kyokka, ensi yonna erabika nga ereekaana gyendi, abasajja n'abakazi ab'emyaka ekyenda, n'abantu aba buli ngeri bonna nga bagamba nti, "Ssinga tewagenda, tetwandibadde Wano."

166 Kale, ayi Katonda, nnyamba nnwane olutalo. Naye n'okufa bwe kutuuka, ssijja kwewunika. Linaaba ssanyu, kinaaba kya sanyu, okuyingirayo, okuva mu kuvunda kuno n'okuweebuulwa.

167 Ssinga mba wa kukyoleka mu ngeri ya kifaananyi, nga emitali eri, mayiro obuwumbi kikumi waggulu, nga waliyo kwe tupimira, nga okwo kwe Kwagala okutuukirirdde, nga buli kigere ky'okka wansi eno, kyeyongera okufunda, okutuusa lwe tutuuka wansi okutuuka wano we tuli kati. Kyandibadde kisigadde kasiikirize busiikirize ka buvundu, nga kisigadde kantu ako akatono ke tusobola muli okuwulira obuwulizi nti waliwo ekintu ekimu awantu awamu. Naye nga tetumanyi kiki Kye kiri.

168 O, mikwano gyange abaagalwa, be njagala ennyo, mikwano gyange abaagalwa ab'Enjiri, abaana bange be nnazaala eri Katonda, mumpulirize, nze omusumba wammwe. Mmwe, mpulira ssinga kale wabaddewo engeri gye nnyinza okukibannyonnyola. Tewaliiyo bigambo bya kukozesa; byambula; tebirina gye biri. Naye emitala eri nga ossizza omukka ogw'enkomerero, awo we wali ekintu ekisingirayo ddala okuba eky'ekitiibwa kye wali . . . Tewali ngeri yonna ya kukinnyonnyolamu. Tewali ngeri yonna. Ssisobola n'akatono kukinnyonnyola. Naye buli ky'okola kyonna, mukwano gwange, teeka ku bbali buli kimu kyonna okutuusa nga ofunye Okwagala okutuukiridde. Otuuke w'osobolera okwagala buli muntu, buli mulabe, na buli kimu kyonna.

169 Olukyala olwo olumu lwe nnagendayo Eri, gyendi, lwanfuula muntu wa njawulo. Ssisobolera ddala, ddala, ddala n'akatono kuba Waaluganda Branham y'omu gwe nnali okusooka. Oba ennyonyi ziyuuzibwayuuzibwa, oba laddu emyansa, oba mbega antadde ku mudumu gwa mmundu, ka kibe kiki, byonna si nsonga. Ŋŋenda kweyongera okulwana olutalo, olw'ekisa kya Katonda. Kuba, mbuulidde Enjiri eri buli kitonde na buli muntu yenna gwe nsobola okubuulira, nga ngezaako okubakkirizisa okugenda mu Nsi eyo ennungi eri emitala.

170 Kiyinza okulabika nga ekikalubo. Kiyinza okwetaagisa amaanyi amangi. Simanyi bbanga lisigaddeyo lyenkana wa. Tetumanyi, okusinziira ku bulamu buno obw'omubiri. E . . .

Okuva mu kukeberebwa kw'omubiri kwe nnayitamu luli, omusawo yaŋŋamba nti, "Okyalina emyaka abiri mu etaano nga okyali mugumu ddala, n'obulamu obulungi. Oli mugumu bulungi." Ekyo weewaawo kyannyamba. Naye, ha, ekyo si kye kyali ekikulu. Ekyo si ky'ekikulu. Ekikulu ky'ekyo ekiri munda *muno*. Omubiri guno oguvunda gulina okwambala obutavunda. Omubiri guno ogufa gulina okwambala obutafa.

171 Batabani ba Kiisi bayinza okugolokoka. Nze. . . Ebintu ebirungi byonna bye bakola, ssirina kabi konna ke nnyinza kubyogerako, okugabira abaavu n'ebikolwa eby'okwagala. Naye mujjukire nti, ne, Samwiri yagamba Sawulo nti, "Naawe ojja kuwa obunnabbi." Era bangi ku basajja abo babuulizi ba maanyi, ba kitalo, basobola okubuulira Ekigambo nga bassaabamalayika. Naye era Katonda bw'atyo si bwe yakyagala kibeere. Katonda ye yalina okuba Kabaka waabwe. Ow'oluganda, mwannyinaze, leka Omwoyo Omutukuvu akukulembere.

Leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera katono.

Nnumwa omwoyo okudda eka era ndi muwuubaavu, mpulira njagala kulaba Yesu,
Njagala kuwulira ku bide biri ebivuga obulungi eby'oku mwalo nga bivuga.
Kijja kutangaaza ekkubo lyange era kijja kuggyawo okutya kwonna;
Ayi Mukama, tukkirize tulabeko ebusukka-ggigi w'ebiseera.

Mukama, nzikiriza ndabeko ebusukka-ggigi w'ennaku n'okutya,
Nzikiriza ndabe ku mbeera y'obudde eyo ey'akasana akaakayakana;
Kijja kutangaaza ekkubo lyaffe era kijja kuggyawo okutya kwonna;
Ayi Mukama, bakkirize balabeko ebusukka-ggigi w'ebiseera.

172 Ndi mukakafu, Mukama, nti singa ekkanisa eno entono, enkya ya leero, batunulako ebusukka-ggigi w'ebiseera: tewandibaddewo, anyigirizibwa yenna mu makkati gaabwe; tewandibadde ndwadde yonna; yadde ekintu ekirala kyonna okuggyako okutuukirira. Ate nga waliwo kussa kikkowe kwokka wakati wa wano n'Eri, okuva mu bukadde okudda mu buvubuka, okuva mu biseera okudda mu Butaggwaawo, okuva mu bukoowu bw'olw'enkya, n'ennaku ya jjo, okutuusa mu kiseera eky'obuliwo eky'Obutaggwaawo mu kutuukirira.

173 Nsaba, ai Katonda, owe omukisa buli yenna ali wano, bwe wabaawo abali wano, ayi Mukama, abatakumanyi mu Kwagala okwo. Ate nga ddala, Kitaffe, tewali ayinza kuyingira mu Kifo ekyo ekitukuvu awatali Kwagala kwa kika ekyo,

Okuzaalibwa obuggya, okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Omwoyo Omutukuvu, Katonda, ye Kwagala, era ekyo tukimanyi nti kituufu. Ne bwe tusiguukulula tutya ensozi olw'okukkiriza kwaffe, ne bwe tukola ebintu eby'amaanyi ebyenkana wa, naye nga, Okwo tetukulina, tetulisobola kulinnya ddaala eryo ekkulu emitala eri. Naye bwe tuba nakwo, Kujja kutuyimusa okusukka emitawaana gy'ensi eno. Nkusaba, ayi Kitange, Owe omukisa abantu abali wano.

174 Era leka, kibeere nti, buli muntu yenna ampulidde, enkya ya leero, nga njigiriza Amazima gano, Obeere mujulirwa wange, Mukama, nga Samwiri ow'edda bwe yagamba nti, "Nnina ekintu kyonna kye nnali mbabuulidde mu Linnya Lyo agatali amazima?" Bo be balamuzi. Era mbategeeza kaakano, ayi Mukama, nti wantwalako mu Nsi eyo. Era Ggwe omanyi nti ekyo kituufu.

175 Era kaakano, Kitaffe, bwe wabaawo abamu abatakumanyi, leka kano kabeere akaseera mwe bagambira nti, "Mukama, nteekaamu okwagala okw'okubeera ekyo ky'Oyagala." Kikkirize, Kitaffe.

176 Kaakano, nga, mukotese emitwe gyammwe, yimusa emikono gyo, ogambe nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham, Katonda kola mu nze okwagala kwo."

177 Mu kaseera kano nga oli awo wooli, mu buwoomerevu, lwaki togamba Taata nti, "Ayi Katonda, munda mu mutima gwange, olwa leero, ndekayo ebintu byonna eby'ensi. Ndekayo buli kimu, nkwagale era nkuweereze, obulamu bwange bwonna. Era okuva olunaku lwa leero, okweyongerayo, nnaakugobereranga, mu buli Kyawandiikibwa ekya Bayibuli Yo"? Bw'oba tobatizibwanga mu kubatizibwa okw'Ekikristayo gamba, "Nja kukikola, Mukama."

178 "Bwe mba ssifunanga Mwoyo Mutukuvu . . . " Ojja kumanya nga Omufunye. Ajja kukuwa—Ajja kukuwa obukakafu n'Okwagala bye weetaaga. O, oyinza okuba wali obaddeko n'ebintu ebyenjawulo bye wali okoze, nga wali ofunyeeko enneewulira ez'enjawulo, tugeze wali oleekaanyeeko oba n'oyogera ennimi, ate nga birungi. Naye Okwagala okwo okw'Obwakatonda bwe kuba tekuliimu munda omwo, nzikiriza kaakano, ogambe nti, "Ayi Mukama, teeka mu mutima gwange, ne mu mmeeme yange, okukola kw'Omwoyo Wo, nsobole okwagala, n'okuwa ekitiibwa, era mbeere n'Okwagala okwo okw'Obwakatonda mu mutima gwange, olwa leero, okulintwala mu Nsi eyo bwe ndissa omukka gwange ogw'enkomerero," nga bwe tusaba. Saba, gwe wennyini, kaakano. Mu ngeri yo nga ggwe, saba, kisabe Katonda akikukolere.

179 Mbaagala. Mbaagala. Mmwe abasajja abaagalwa ab'emitwe egijjudde envi abatudde wano, abakozenga ennyo okulaba nga muliisa abato! Mmwe bambi ba maama bakazi battu, ababasanguddenga amaziga okuva mu maaso gaabwe! Leka

nkukakase kino, mwannyinaze, omwagalwa, tekiri bwe kityo emitala eri oluvannyuma lw'okussa ogw'enkomerero. Nzikiriza Ensi eyo eri munda wano. Wabula tuli mu mutendera gwa njawulo. Guno gwe tulimu kaakano gwo guvunda ne guggwaawo.

180 "Naye kolera mu nze okwagala kwo, ayi Mukama, okwogala Kwo okw'ebyo by'oyagala bikolebwe kusobole okutuukirizibwa." Musabe, nga bwe tusabira awamu.

181 Mu buwombeefu, ayi Mukama, okusinziira ku Kigambo Kyo n'Omwoyo Wo Omutukuvu, tuli basanyufu nnyo okuba nti tumanyi Okuzaalibwa kwaffe gye kusibuka. Tuli basanyufu okuba nti, "tetwazaalibwa lwa kuteesa kwa muntu, newankubadde okwagala kw'omubiri, wabula twazaalibwa lwa kwagala kwa Katonda."

182 Era tusaba, olwa leero, ayi Kitaffe, bano eno kaakano abasaba ekisa eky'okusonyiyibwa, Omwoyo Wo akole omulimu ogwo, ayi Mukama. Tewaliiwo ngeri gye nnyinza kugukolamu; ndi muntu buntu, mutabani wa Kiisi omulala. Naye twetaaga Ggwe, Omwoyo Omutukuvu.

183 Ayi Katonda, nnyamba mbeere nga Samwiri, mbeere oyo ayigiriza Amazima g'Ekigambo. Era Okikakasizza Ekyo, okutuusa kaakano, era nzikiriza nti Oneeyongera okukikola, kasita nnaasigala nga ndi wa mazima gy'Oli.

184 Nsaba bonna bafune Obulamu Obutaggwaawo kaakano, Kitaffe. Olunaku luno ka baleme kulwerabira. Mu kaseera ako bwe baliba batuusizza ekiseera okuva mu nsi eno, nsaba kino kye nnaakabagamba, kibabeerere kya nnamaddala. Era nga bwe tutudde wano, nga abantu abafa, olwa leero, nga bwe tutunula ku ssaawa zaffe, n'okulowooza ku ky'eggulo kyaffe, ne bye tunaakola enkya, ne ku kweraliikirira n'okulafuubana kw'obulamu, tebiribaawo mu kaseera kali. Byonna biriggwaawo. Tewalibaawo kweraliikirira kwonna; wabula liriba ssanyu erisukkulumye ery'awamu ery'Obutaggwaawo. Bawe buli omu ku bo, Obulamu bwe butyo, Kitaffe. Era ka . . .

185 Kino kye nkusaba, Kitaffe, nti buli muntu yenna ali wano enkya ya leero, ampulidde nga njogera okwolesebwa kuno, nsaba mbasisinkane buli omu ku bo ku luuyi luli; newankubadde nga wayinza okubeerawo abasajja abayinza obutakkiriziganya nange, wamu, n'abakazi. Naye, Kitaffe, ekyo leka kireme kwekiika mu kkubo lyaffe. Leka tubasisinkaneyo Eri, nabo, badduke, tuggwaŋŋane mu bifuba, nga bwe tuleekaana nti, "Muganda waffe omwagalwa." Leka kibeere nga bwe kyalagibwa Eri, ayi Mukama, eri buli omu, bonna be njagala, na bonna abanjagala. Nsaba kibeere bwe kityo, ayi Mukama. Ate bonna mbaagala. Nsaba babeereyo, ayi Kitaffe. Mbawa Obulamu Obutaggwaawo kaakano. Ka bakole ekitundu kyabwe

kye balina okukola, okubukkiriza. Kubanga nkisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

186 Tusigazza eddakiika ntono, okusabira abalwadde. Ndaba wano tulinawo akawala akato, akalwadde, n'omukyala mu kagaali.

187 Kati, eri baganda bange abaagalwa ennyo, n'eri bannyinaze, mbasaba temuntegeera bubi. Ekyabaawo nange ssi—ssikimanyi. Ssimanyi kyabaawo. Naye, ayi Katonda, bwe nfa, nsaba nzireyo Eyo. Nsaba ŋŋende mu Kifo ekyo, eyo gye njagala okubeera, oba waali wa yonna. Ssigezaako kweyita Pawulo eyatwalibwa mu ggulu ery'okusatu. Ekyo si kye ŋŋamba. Nzikiriza yali Agezaako kunzizaamu maanyi, nga agezaako okubaako ekintu ekitonotono ky'ampa okunnyamba okweyongera mu maaso, mu buweereza bwange obupya obujja.

188 Ssinga mbaako ne kye nsoma wano mu ddakiika nga emu, kinaalabikanga obutassa kitiibwa mu balala? Kinaaba n'obuzibu? Emu ku zi magaziini ey'ettunzi ennyo mu ggwanga, Billy Granham:

189 "*Dokita Billy Graham Ayanirizibwa Mu Buyisiraamu*, ku muko ogusooka ogw'akatabo ka *The Afrikaans Times*, akaafuluma nga kkumi na ttaano Febwali, 1960. Omuwandiisi w'ekitundu kino, eyali Omuyisiraamu, omugoberezi wa Muhammadi, alowooza nti ebyamagero bisaanye okugoberera okubuulira kw'Enjiri ya Kristo, abeera omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kye tunokola: 'Kye kino: Kristo kye yasuubiza abagoberezi Be, bwe yagamba nti, "Oyo akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola; era alikola n'egisinga ku gino." Ekkanisa emirimu egyo yali egikoze, egyo, e—egyoleka amaanyi Kristo ge yayolesa mu Bayibuli? Esobola okugikola leero? Waliwo ekkanisa yonna esobola okwesowolayo, n'ekola waakiri ekitundu ku byamagero Kristo bye yakola, nga tetunnaba na kwogera ku "mirimu egisingawo"? Nga ggwe, omuntu, omumanyifu, akiikirira Abakristaayo, osobola okwesowolayo, okuzuukiza omufu n'aba mulamu? Osobola okutambulira ku nnyanja? Osobola okuwonya abalwadde n'ozibula abazibe b'amaaso ne balaba? Ekyo si bwe kigamba, okusinziira ku kiseera kiri waggulu wali, ekyogeddwaako omugoberezi wa Muhammadi? Manyanga ekyayogerwa, manya, ekigezo Kristo kye yalekera . . . ? . . . abagoberezi nga abamu bwe bagamba, oba nga enzikiriza yo bw'egamba?' Ebisinga obungi ku bigambo Omusiiramu bye yawandiika bijjuddemu bigambo bya matobotobo."

190 Omusiraamu ono bamugaya nti bye yayogera tebyali bituufu, naye yali mutuufu. Naye baagamba bwe bati:

191 "Eky'okuddamu ekituufu ku ngeri y'okusomamu Bayibuli, n'okumanya Kuraani. Okusinziira ku Kuraani . . . olwa . . . ssinga ogeraageranya. Obuyisiraamu kye bugamba nti

bututumufu era busaasaanira ku misinde gya waggulu nnyo okusinga Obukristaayo, kuteebereza kwa," (b-w-e-w-u-s-s-a) "bwewussa," (ndowooza kye kigambo ekyakozesebwa), "bwewussa bwereere. Naye wadde kiri kityo, omuwandiisi, alina ensonga enkulu ddala ey'essimba gy'akoonyeeko ekwata ku byamagero okuba mu Kkanisa. Naye ate era wano tubuusabuusa oba nga ddala omuwandiisi mwesimbu mu bigambo bye, kubanga ddala ani ayinza okunokolayo era ani ayinza okuwakanya ebyamagero ebyakolebwa Lev. William Branham mu maaso g'Abayisiraamu mu South Africa, abantu omutwalo mulamba lwe bakkiriza Kristo nga Omulokozi waabwe wansi w'obuweereza bwa William Branham, e Durban, mu South Africa, ne mu bifo ebirala okwetooloola ensi, oba ebyakolebwa T. L. Osborn mu Buvanjuba bwa Afirika? Weewaawo, tuyimirira ne Billy Graham kikumi ku kikumi. Twayogera ne tugamba nti ensonga eno eyogerwako, te . . . Ensonga eno eyogerwako teriimu makulu."

192 Naye mu ebyo byonna nga bigenda mu maaso (Baali bampita . . . baatuyitanga bazoole, abatamanyi kye tukola.), naye baalina okukiweera obujulizi, mu lupapula lwabwe lwennyini olw'amawulire, nti ddala, mu butuufu Katonda ebintu ebyo yabikola. Katonda akyali Katonda, olwa leero, nga bwe Yali okuva edda n'edda lyonna. Ggwe oyinza n'obutakirowoozaako nti ddala tebabikkiriza, oba tebabiraba. Kuba tebikwekeddwa; tebikolebwa mu nkukutu. Era ebikumi n'ebikumi by'abantu abaaliwo, baakiraba. Bwe balaba omulenzi oyo eyali yagongobala, anyigirizibwa nga ajja, Omwoyo Omutukuvu n'amugamba ebifa ku bulamu bwe, n'ebintu ebirala, n'ebyaddirira oluvannyuma lw'ekyo. Ne balaba Abayisiraamu omutwalo mulamba nga beeyala wansi, ku ttaka, ne bakkiriza Yesu Kristo okubeera Omulokozi waabwe.

193 Tukyalinayo ba T. L. Osborn, n'abalala, abakyagabula endiga Emmere yaazo. Ndowooza Ow'oluganda Osborn tannagendako mu Bayisiraamu. Bagamba mbu be basinga obungi. Naye era tukyalina Katonda asobola okununula endiga okugiggya ku mpologoma, asobola okununula endiga okugiggya ku ddubu.

194 Kyankola bulungi nnyo okumanya nti ekyo baasobola okukiwandiikako ne bakikkiriza n'okukikkiriza nti kyabaawo. Kubanga, bo balowooza tebakikkiriza; era bakisambajja ne bakikuba n'omugongo, ne bagamba mbu, "Ah, ennaku z'ebyo zaayita."

195 Naye Omusiraamu yababuuza nti, "Mukakasa zaayita? Bwe kiba bwe kityo kitegeeza Bayibuli yonna yadiba. Mwenna muli bakyamu. Musinza Muntu buntu, Omuntu eyafa, nga Erinnya Lye yali ayitibwa Yesu. Era nga Yafa, emyaka mingi egiyise, nga n'ebyokuzuukira Kwe tebiriiyo."

196 Naye ekyo baali tebasobola kukyogera ku lukuŋŋaana olwali e Durban. Kubanga Yaliwo nga akola ekintu ky'ekimu kyennyini kye Yakola, era kyabaggyamu akakunkuna. Kati n'e—n'ebibiina by'amadiini nabyo birina okukomawo, omuntu yennyini eyawandiika n'aŋŋamba nneegendereze bye njigiriza ku Bayibuli, y'omu eyawandiika ebyo mu lupapula lwabwe olw'amawulire. Kati awo kitegeeza, mu buli ngeri yonna, Katonda ajja kubaleetera okumusinza, ne bwe kiba kiki. Bwe kiri. Ajja kubaaleetera okumusinza, mu buli ngeri.

197 Tulina akawala akato, akalwadde akatudde wano. Oyo mwana wo? Kiki ekimuluma, mwannyinaze? [Mwannyinaffe addamu nti, "Bulwadde obwava ku musaayi okugenda mu bwongo."—Omuk.] Maama? ["Bulwadde bwa musaayi mu bwongo."] Bulwadde bwa musaayi mu bwongo. ["Nnakuwandiikirako, emyaka egiwerako emabega, ku ndwadde ye ey'okuba nti alina omusaayi mu bwongo."] Oh, weewaawo. ["Abadde mulwadde ebbanga lino lyonna, mu mwezi Gw'omunaana giggya kuwera myaka ena."] Emyaka ena, mu mwezi Gw'omunaana. ["Ow'oluganda Neville yajjayokko n'amulaba."] Oh, y'ono ava e Marengo, oba ekifo bwe kityo emmanga eri? ["Paoli."] Paoli. Kitegeeza, y'ono omuwala? Waliwo ekintu kimu kyokka, maama, ekisobola okutaasa omuwala: nga ekyo, kwe kuba nti Katonda amumanyi. ["Kati alinawo enjawulo ya maanyi nnyo okusinga bwe yali."] Ndi musanyufu nnyo olw'ekyo.

198 Wagendayokko n'omusabira, Ow'oluganda Neville? [Ow'oluganda Neville addamu ti, "Yee, ssebo."—Omuk.] Okuva Ow'oluganda Neville lwe yagendayo n'amusabira, agenze atereera. Tukyalina abasumba abamanyi Emmere y'endiga.

199 Kiki ekikuluma, mwannyinaze omwagalwa, ggwe, atudde mu kagaali awo? [Mwannyinaffe omu addamu nti, "Alina kkookolo."—Omuk.] Kkookolo.

200 Kati, ssinga mbaako kye mbabuuza, oba oli awo wano wennyini. Bameka wano abaawonyezebwa . . . kkookolo? Muyimuse emikono gyammwe. Labayo eno, mwannyinaze. ["Talina n'ekimu ky'awulira, kale tasobola kuwulira by'oyogera."—Omuk.]

201 Katonda ye Muwonya. Ekyo tukimanyi. Ssinga nkugamba nti nsobola okukka wansi awo omuwala oyo ne mmuggyako endwadde eyo ey'omusaayi mu bwongo ne mmuwonya, mba nkulimbye, oba, ne nkugamba nti omukazi oyo nsobola okumuggyako kkookolo oyo. Naye mmanyi ekintu kimu, waaliwo eddubu (kkookolo, ekizimba, obuzibe bw'amaaso, n'okufa) lumu, eryasikula emu ku ndiga za Katonda, ne ndyeŋŋanga n'Amaanyi ga Katonda, ne nditta n'endiga eyo ne ngikomyawo. Bwe kiri. N'olwa leero tulumba, si na kintu

kyonna eky'amaanyi, *kino-na-kiri*. Nnumba n'envuumuulo entono ey'essaala. Ajja kumukomyawo.

202 Ekyo okikkiriza, mwannyinaze, si bwe kiri? Naawe, okkiriza, si bwe kiri mwannyinaze? Bameka ku mmwe nga kaakano okkiriza n'omutima gwo gwonna?

203 Kati mukoteke emitwe gyammwe nga bwe nsaba.

204 Kitaffe omwagalwa, wuuno omukazi omuto alabika obulungi agalamidde wano, atakyasobola kuddamu kutambula, oba okubaako ne kye yeekolera, okuggyako nga Ggwe omuyambye. Omulabe amufunzizza. Tewali musawo ayinza kumuyamba. Omulabe amufuundirizza ewala eyo mu bbanga, ne kituuka okuba nti omusawo talina kintu kyonna ky'ayinza kukola. Naye tali wala nnyo nti tosobola kumutuukako, Mukama. Ali awo wennyini w'Osobola okumutuukako n'omukomako. Okusinziira ku Kigambo kya Katonda, nteeka emikono gyange ku mukazi ono omuto, era nnenya endwadde eyo ey'omusaayi mu bwongo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, mmukomyawo okuddamu okubeera omukazi omulamu obulungi ddala. Agenda kuba mulamu olw'ekitiibwa kya Katonda. Leka awonyezebwe, ayingire era afulume ekkanisa eno, nga n'abalala abazzenga, nga bali mu mbeera efaananako n'eno, awe Katonda ettendo. Leka kibeere kityo, okuyita mu Yesu Kristo.

205 Nga enviiri ze bwe zigenda zisiwuukirira zifuuka envi, asigazzaayo ekiseera kitono, okugenda mu Nsi eri emitala w'eri gye ssaalaba mukadde yenna, wabula abato bokka. Naye abaagalwa be abatudde wano, bamukaabira, era bamwagala. Omulabe ow'amaanyi yamugwiira abasawo ne batuuka okuba nga tebakyalina kye bayinza kukola, empologoma enkambwe eya kkookolo. Ayi Katonda, nzize, okumunona. Nzize okumukomyawo. Nsanjaga empologoma ya kkookolo, mu Linnya lya Kristo nnantameggwa, Oyo gwe nkiikirira. Leka emute, era leka awonyezebwe, abeerewokko, emyaka emirala mingi, olw'ekitiibwa kya Katonda, okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe.

206 Kaakano Kitaffe Ow'omuggulu, nga ssirina kyambalo kya lutalo kya maanyi, era ssirina ffumu liwagaddwa, na njogera na bigambo bya mwogezi mulungi bisengekeddwa, wabula nnina envuumuulo entono, eya bulijjo ey'okukkiriza. Nzija okunonayo emmeeme eno, wamu n'omubiri guno omulabe wa kkookolo gw'azingizza abasawo ne batuuka okuba nga tebakyalina kye bayinza kukola. Naye mmunonayo, enkya ya leero, ayi Mukama, nga mmukomyawo awali omuddo omuto n'amazzi amateefu. Mu Linnya lya Yesu omuwanguzi, Oyo gwe nkiikirira. N'okukkiriza okwa nnamaddala, nzikiriza nti ajja kukomezebwawo, olw'amaanyi gano ag'essaala eno gye tusabye. Kale leka kibe . . . ? . . .

207 (Nzikiriza waliwo okubatiza. Weekuli?) [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Yee, ssebo. Waliwo ababuulizi babiri abalina abantu abalindiridde okubatizibwa."—Omuk.]

208 Muyimuseeko katono ku mitwe gyammwe? Omusumba yaakaŋŋamba . . .

209 Abantu bano balwadde nnyo, ddala. Bajja kuwonyezebwa. Temu . . . Kiri bulungi. Ebisuubizo bya Katonda tebiremererwa. Tugende tubataase.

210 Balinawo okubatiza. Waliwo abantu abamu abalina okugenda. Tujja kuba n'olukuŋŋaana olulala akawungeezi.

211 Wano waliwo omuntu yenna ataasobole kukomawo akawungeezi, nga wandyagadde tukusabire kati, nga tosobola kukomawo kawungeezi? Osobola okujja mu maaso wano, ggwe ataasobole kukomawo kawungeezi. Nja kuba n'ekiseera ekimala; okukola olunyiriri lw'ab'okusabirwa, akawungeezi. Balina okubatiza abantu bano.

212 Olina omulenzi omuto wali? Kale. [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Kino bwe nkikuwa waliwo obuzibu?"—Omuk.] Tewali buzibu bwonna, ow'oluganda. Weebale, nnyo. Kiri kitya bwe nkisoma eddako oba nnina kukisoma kati? Weebale, ssebo.

213 Kati ssinga mutuwaayo eddakiika endala nga emu oba bbiri, tujja kuba tusobola okuba n'o—n'olukuŋŋaana olw'o—olw'okubatiza. Mmanyi mwandyagadde okukulaba.

214 Kati abo abaagala okubatizibwa enkya ya leero, kati, mmwe, abakyala mudde erudda *eno* mukyuse engoye zammwe, ate abasajja mudde ku ludda *luno*. Kale nga bwe nsabira abalwadde bano, musobola okubeera nga mwetegekera okubatiza. Kati ate abo aba . . .

215 Kati, akawungeezi ka leero, nja kugezaako okuba n'olunyiriri lw'ab'okusabirwa, mangu ddala nga baakayingira. Era tujja kutandikira mu ssuula 1 ey'Ekitabo ky'Abaefeeso, akawungeezi k'olwa leero. Era tunaaba basanyufu nnyo okuba naawe, bw'oba tolina kkanisa mw'okuŋŋaanira. Naye bw'oba olina omusumba wo n'ekkanisa mw'okuŋŋaanira, awo—awo genda mu kkanisa yo ey'omuwendo eyo gy'owagirira obuweereza.

216 Mmwe abalina okugenda, nga mugenda mu kiseera kino, Katonda abawe omukisa. Mukomeewo mukuŋŋaane naffe nga musobodde. Tunaasanyuka okuba nammwe.

217 Naawe, oli waakusabirwa, ow'oluganda? Kiki ekikutawaanya? Bulwadde bwa ppuleesa.

218 Kati, mmwe abasigadde, nga bwe mukoteka emitwe gyammwe, mu kaseera katono, twagala tusabe.

219 Kitaffe, nkwebaza, olwa leero, olw'envuumuulo y'omusumba entono, essaala eyafukamiza empologoma, omwana gw'endiga

omuto ne gusobola okugiggyibwako, ne guzzibwayo ewa nnyina waagwo ne kitaawe waagwo. Nsabira muganda waffe. Nsaba naye omukomyewo nga ali bulungi, ayi Mukama. Leka ppuleesa n'okulumizibwa kw'omubiri gwe bikome. Mmukimayo, ayi Mukama, mmukomyawo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Leka kibeere bwe kityo. Amiina.

Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.

Nga bwe nsembera wansi, ndaba ositudde omulenzi omuto, omuzibe w'amaaso.

220 Nninayo ekintu ekirala kimu kye njagala okwogera. Nnali nnina . . . nnali mulwadde nnyo, nga nsesema. Muli ne ndowooza nti . . . Kino ssaagala okisubwe, bw'oba osobola. Nnalowooza muli nti, "Ayi Katonda, ddala nnyinza kuwaayo ki ssinga mbaako ne gwe mpulira wabweru nga azze? Mukyala wange n'aŋŋamba nti, 'Billy, wano waliwo omwami omukadde ayagala okukulaba.'

221 "Ne wajja omwami ow'ekiwalaata ow'ebirevu eby'envi, n'ayingira munda. N'ayingira, n'ambuuza nti, 'Ye ggwe Ow'oluganda Branham?'

"Ne nziramu nti, 'Yee, ssebo, ye nze.'

222 "'Erinnya lyange nze Simooni.' N'anteekako omukono gwe, n'antunuulira okumala eddakika. N'aŋŋamba nti, 'Oli mukkiriza, Ow'oluganda Branham.'

"'Weewaawo.'

223 "'Ogenda kuba bulungi.' Nga ye Simooni Peetero, owa Bayibuli. Ekyo nga nnandikisanyukidde! Tekyandimwetaagisizza kwogera bingi. Yandintaddeko buteesi mukono gwe, n'agamba beera bulungi."

224 Naye ekyanzijira mu birowoozo, olw'obuyambi bwa Katonda, n'olw'ekisa kya Katonda, waliwo enkumi n'enkumi z'abantu abakkiriza ekintu kye kimu ekyo, ssinga mba ŋŋenze gye bali. Awo ne ndowooza muli nti, "Ayi Mukama, kati awo, leka ŋŋende eri buli yenna gwe nsobola okutuukirira. Leka ngi—ngi . . . "

225 Nnalowooza muli nti, "Ssinga Simooni, oba Pawulo, omu ku bo, ssinga ajja n'ambuuza nti, 'Ye ggwe Ow'oluganda Branham?'

"'Weewaawo.'

226 "N'anteekako emikono gye, n'antunuulira, n'aŋŋamba nti, 'Ojja kuba bulungi, Ow'oluganda Branham,' n'afuluma.

227 "Nnandiwonyezeddwa. Nnandiwonyezeddwa. Mazima ddala. Ne ŋŋamba . . . Nkukakasa, mangu ddala nnandizzeemu amaanyi. Era nnandigambye nti, 'Ŋŋenda kuwona.'" Yee, ssebo.

228 Era waliwo abantu abakkiriza ekintu kye kimu ekyo olwa leero. Era ekyo kye kinsembezza wano okukola, kubateekeko mikono, nsabe Katonda.

229 Omulenzi ono mumpeeko, katono, mwannyinaze. Mulenzi, muzibe w'amaaso. Amaze bbanga ki nga ttalaba? [Mwannyinaffe omu addamu nti, "Okuva lwe yazaalibwa."—Omuk.] Okuva lwe yazaalibwa.

230 Oli otya, mulenzi muto! O, oli mulenzi mulungi, ow'amaanyi . . .?. . .

231 Ayi Katonda ow'ekisa! Abasawo bwe bataalina kye basobola kukola, mu kaseera omulenzi ono omuto we yazaalibwa, yazaalibwa muzibe, nga talaba; omulenzi ono omuto, omwagalwa alabika obulungi. Era bambi kasajja kattu bwe kaali tekannabaako kakisa konna ke kafuna mu bulamu, omulabe yakanyakula abasawo ne baba nga tebalina kye bayinza kukolawo. Na bwe kityo, mmunonayo, enkya ya leero, ayi Mukama. Essaala eno ennyangu, entono ey'envuumuulo. Nsaba mmukomyewo, ayi Katonda. Nnumbagana omulabe, ssetaani, mu Linnya lya Yesu Kristo, era mmanjaayo omulenzi ono ku lwa Katonda. Mmanja okulaba kwe, ku lwa Katonda, nga mmuddiza ekyo Ssetaani kye yamunyagako. Leka akifune. Mu Linnya lya Yesu Kristo, kijja kuba bwe kityo. Kati, leka kibeere bwe kityo.

232 Kaakati, mwannyinaze, omwagalwa, kati, tobaamu na kubuusabuusa kwonna oba omulenzi ono agenda kutereera. Era njagala, omukomyewo wano ku kkanisa, olage abantu, nti kaakati asobola okulaba, onaakikola?

Mmuwa okulaba kwe, mu Linnya lya Yesu Kristo . . .?. . .

233 Mukama Yesu, nga nteeka . . . Omuto ono tumusabidde essaala nnyingi! Naye, enkya ya leero, nzija nate mu Linnya lya Yesu Kristo, nga nkutte envuumuulo eno entono gye Wampa. Era Onnyambye nayo, ayi Mukama, ku lw'Amaanyi Go, okujja . . . okuva mu mannyo ga kkookolo, okuva mu mannyo g'okufa kwennyini, okuzuukiza abafu nga bamaze okubalangirira nti bafudde, nga bagalamidde awo bakalambadde bannyogoga. Nnumbagana omulabe ono, mu Linnya lya Yesu Kristo. Bw'otyo mukomyewo eri obulamu obulungi nate, ayi Mukama. Kikole. Ka kikolebwe, olw'ekitiibwa kya Katonda.

234 Naawe oli wa kusabirwa? [Mwannyinaffe ono ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Oli mukkiriza? ["Yee."] Mukama, mmuleeta, awali envuumuulo eno. Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka kimuveeko era tekiddanga.

235 [Mwannyinaffe omu ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Era, ye nvumuulo y'emu eyo, eyagenda n'enona Ow'oluganda Harvey, naawe y'egenda okukukolera ne muwala wo.

236 Kaakano, Kitaffe Ow'omuggulu, nnumbagana omulabe, nga nkozesa envuumuulo eno entono gye Wampa, kubanga Wagamba nti, "Bw'onaaleetera abantu okukukkiriza, era n'obeera mwesimbu mu kusaba kwo," akayinja ako kanaalagirizibwa ne kagenda kakuba kye kalina okutta. Leka kalagirizibwe kaakano,

ayi Mukama, nga bwe nkaweereza eri ekyetaago kye. Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka kibeere bwe kityo. Amiina.

237 [Wabaawo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Kale, mwannyinaze. Kati tu... Okweraliikirira abasawo tebalina kye basobola kukukolera. Bayinza okubaako ne kye bakuwa ekisobola okukukkakkanya, naye kijja kusajjula busajjuzi mbeera yo, nga kiweddewo. Weewaawo. Kaakati labayo. Tugenda kukyeŋŋanga, enkya ya leero. Tufuluma okugenda; okukukomyawo. [Ebbanga ejjereere ku lutambi.]

238 Ayi Mukama Yesu,...[Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]...amayinja ataano amatonotono, o-k-u-k-k-i-r-i-z-a awamu n'envuumuulo y'essaala. [Mu Lungereza, ekigambo "okukkiriza" kirina ennyukuta ttaano.—Omuvvuunuzi.] Era nkomyawo mwannyinaze okuva mu mbeera eyo ey'okweraliikirira...?...emitala. Mmukomyawo awali emirembe n'omuddo omuto wamu n'amazzi amateefu. Kino nkikola mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

[Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

239 Kitaffe Katonda, omuwala ono omuto, tuli basanyufu okuba nti teyali ndwadde eyo enafuya ebinywa. Naye era kyonna kye kiri, Okyasobola okukigonjoola, ayi Mukama. Era nzija n'envuumuulo y'okukkiriza eno entono, awamu n'ejjinja lino. Era nnasula ejjinja lino n'amaanyi gonna ge nsobola okulikasusa. Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka likube we nduubirira okukuba. Leka mwannyinaffe awonyezebwe. Kino nkikola mu Linnya lya Yesu Kristo.

[Wabaawo Mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

240 Nga maama ono omuto, n'omwana we omuto, omuto gw'ayagala okusisinkana emitala, ku ludda luli olulala, mu Nsi eyo ey'ekitiibwa gye nnayogeddeko, era ba...Maama tajja kubeerawo ku...kukuza omuto oyo, n'omuto naye tasobola kuba mulamu kumala kaseera kawanvu awatali buyambi Bwo. Naye nzija n'envuumuulo, n'amaanyi gonna n'okumalirira kwonna kwe nsobola okukozesa okulumbagana omulabe. Era mu Linnya lya Yesu Kristo, ndasa envuumuulo eno okumukuba. Bombi bajja kuba bulungi, olw'ekitiibwa kya Katonda. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

[Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

241 O, ekyo kirungi nnyo. Ndi musanyufu. Kati, obwo obuweereza, obwo, bwe bwali obuweereza obusingayo obukulu obw'okunokolayo abantu. Bwanokolayo ebikolwa...?...

242 Kitaffe Ow'omuggulu, Ssetaani asikambudde maama ono abasawo ne batuuka okuba nga tebakyalina kye bayinza kukola. Envuumuulo yokka gye basobola okukasuka kwe kumukuba eddagala, ayi Mukama, ate nga ekyo kijja kwongera kumunafuya, bunafuya, atuuke n'okuba nga takyamanyi w'ali. Era w'anaddira mu mbeera ze, abe bubi nnyo n'okusinga bw'ali. Naye nzija n'envuumuulo eno ey'okukkiriza, awamu n'ejjinja, nga ndiragiriza okugenda likube, ssabbaawa yennyini. Mu Linnya lya Yesu Kristo, mmuggyako embeera eno ey'okweraliikirira, olw'ekitiibwa kya Katonda. Amiina.

[Waliwo ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

243 Ayi Katonda, Ow'oluganda George, bwe yali agalamidde eruuyi eri, nga afa, ebbanga si ddene eriyise, nnalaba okukkiriza kye kwamukolera. Kati wuuno alina endwadde y'okulumwa ennyingo, Mukama. Tumanyi nga basobola okumuwa eddagala erikkakkanya obulumi, erisobola okukeendeezaako ku bulumi, naye teriggya kuggyawo ndwadde eyo. Na bwe kityo tulagiriza essaala eno, mu Linnya lya Yesu Kristo. Endwadde eyo ey'okulumwa ennyingo leka egende. Leka addeyo eka nga ali bulungi.

Weebale, ow'oluganda.

244 Oli otya, mukwano? [Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] O, bannange! Bireekaana nnyo. Olina ky'owulira? Uh-huh. Nga osusse okutegeera okw'obuntu we kukoma! Oli mukkiriza mu Mukama waffe Yesu? ["Amiina."] Nnina omukazi alabika obulungi gwe ndaba ali emitala Eri, olumu ku nnaku zino. Ojja kuddamu obeere mulamu nate emirembe gyonna. Mmanyi kaakano oyagala kubeera mulamu olw'ekitiibwa Kye. Ogenda kuddayo o . . .

245 [Mwannyinaffe agamba, "Nedda, nnyolwa lwa mutabani wange."—Omuk.] Mutabani wo. ["Awezezza emyaka egisukka mu ebiri kati okuva lwe yazaawa."] Tomuzuulanga? ["Ali mu mikono gwa Katonda."] O, ya—yasomoka? ["Uh-huh. Okuyita mu kiwonvu eky'okufa."] O, ky'ekyo. ["Kati ekyo kye kinnakuwaza."] Olina ennaku. Weewaawo. ["Ndi munakuwavu . . . Nzijudde ennaku. Era muli mpulira, bwe kiba nti bw'atyo Katonda bw'ayagadde, nnandyagadde nange Antwale. Mmusanyukira busanyukizi."]

246 Mwannyinaze omwagalwa, njagala owulire bulungi. Okwolesebwa yakuwulidde, enkya ya leero? [Mwannyinffe omulala addamu nti, "Awulira bulungi."—Omuk.] Kale, ggwe mubuulire.

247 Kati, ono agenda kukubuulira ekyabaawo. Awo wennyini nga waakassa ogw'enkomerero, mutabani wo omwagalwa ali awo akulinze. Naawe olibeera muto nga ye. Yagala, ggwe yagala bwagazi . . . [Mwannyinaffe agamba nti, "Ssaagala kusigala.

Njagala kugenda gy'ali, bwe kiba nga bw'atyo Katonda bw'ayagadde."—Omuk.]

248 Kitaffe omwagalwa Ow'omuggulu, embiro z'obulamu ziwedde. Tewakyaliwo kya maanyi kisigalidde. Era mutabani we omwagalwa, ali emitala w'omugga, ssinga abadde asobola okutunulako eno, yandimugambye kimu nti, "Ennaku ebula mbale." Mwannyinaffe alinze lyato, ayi Mukama, erinaamuyisa mu lufu, okumutuusa mu Nsi eyo ey'ekitiibwa. Muwe omukisa, Kitaffe, era omugumye omutima. Era leka okwo kubeere okusisinkana okukulu, erudda eri emitala w'omugga.

Kabaka Eyagaanibwa LUG60-0515M
(The Rejected King)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 15 Maayi, 1960, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org